# *Ensigo Ekontana N'ey'Amazima*

Akawungeezi ka leero nnonze eky'okubuulirako ekimpi, manya ekitundu kimpi eky'okusoma, Mukama nga ayagadde, okutuwa amakulu agakirimu, okuva mu njiri y'Omutukuvu Matayo 13:24 okutuuka ku 30. Era nate nja—njagala okusoma okuva ku 36 okutuuka ku 40, mu kaseera katono. Kati mu njiri y'Omutukuvu Matayo, essuula ey'e 13, okutandikira ku lunyiriri lw'a 24 olw'essuula ey'e 13 ey'enjiri y'Omutukuvu Matayo. Wuliriza bulungi nga Ekigambo kisomebwa. Ebigambo byange biriremwa, naye Ebibye tebiriremwa.

> *Awo n'abaleetera olugero olulala, n'ayogera nti, Obwakabaka obw'omu ggulu bufaananyizibwa n'omuntu eyasiga ensigo ennungi mu nnimiro ye:*
>
> *Naye bwe* yali *yeebase, omulabe we n'ajja n'asigamu eŋŋaano ey'omu nsiko mu ŋŋaano ennungi, n'agenda.*
>
> *Naye* emitunsi *bwe gyameruka, bwe yayanya, n'erabika n'eŋŋaano ey'omu nsiko.*
>
> *Abaddu be ne bajja ne bagamba omwami nti, Ssebo, tewasiga nsigo nnungi mu nnimiro yo? kale yali etya okubaamu eŋŋaano ey'omu nsiko?*
>
> *N'abagamba nti, Omulabe* y'akoze *atyo*. Awo *abaddu ne bamugamba nti, Kale oyagala tugende... tugikoolemu?*
>
> *Naye n'abagamba nti, Nedda; mpozzi bwe munaaba mukoolamu eŋŋaano ey'omu nsiko, ne muggiramu n'eŋŋaano yennyini.*
>
> *Muleke bikule byombi bituuse amakungula: mu biro eby'amakungula* ndituma *abakunguzi nti, Musooke mukuŋŋaanye eŋŋaano ey'omu nsiko, mugisibe emiganda eyokebwe: naye eŋŋaano yennyini mugikuŋŋaanyize mu* ggwanika.

2 Weetegerezza, "Musooke mukuŋŋaanye eŋŋaano ey'omu nsiko, mugisibe emiganda"? Kati, kino mu kukisoma, waliwo ekintu ekitali kya bulijjo ekyanzijira bwe nnali ntudde waggulu ku ntikko y'Ensozi ze Catalina ekiro kya luli, nga ndi mu kusaba. Ne nneebuuza nti, "Nnyinza kuggya wa ekigambo kye nsobola okukozesa ng'omutwe gwa kino kye nnayagadde mbuulireko akawungeezi ka leero?"

3 Ne ŋŋenda ngwa ku kigambo kino *okwawukanya,* bwentyo ne nkwata enkuluze y'ebigambo ne nnoonya ekigambo *okwawukanya* kye kitegeeza. Era kitegeeza "okusiga enjawukana," oba—oba, "okukontana n'ekituufu ekimanyiddwa," nga enkuluze y'ebigambo eya Webster bw'egamba nti, "okusiga enjawukana, oba ekintu ekyawukana," oba, "okukontana n'ekyo ekibaddewo bulijjo." Kale ne ndowooza nti, eky'okuyigako ky'akawungeezi kano, nja kukiyita: *Ensigo Ekontana N'ey'Amazima.* Era nneesize nti Mukama anaawa omukisa Ekigambo Kye kaakano nga bwe tujja gye Kiri.

4 Era tukimanyi nate nti yakivvuunula, mu lunyiriri lwa 36 n'o—n'okutuuka ku lwa 43, engeri ensigo eno gye yakulamu. Era nga tukyagiriko, leka nalwo tulusome, olunyiriri olw'a 36 kaakano okutuuka ku 43.

> Awo *Yesu* bwe yali amaze okusiibula *ebibiina,* n'Ayingira *mu nju: abayigirizwa be ne bajja w'ali, ne bagamba nti, Tutegeeze olugero lw'eŋŋaano ey'omu nsiko.*
>
> Awo *n'Addamu n'abagamba nti, Asiga ensigo ennungi ye Mwana w'omuntu;*
>
> Era *ennimiro ye nsi; ensigo ennungi be baana b'obwakabaka; n'eŋŋaano ey'omu nsiko be baana b'omubi;*
>
> *Omulabe* agisiga *ye ssetaani; amakungula ye nkomerero y'ensi; n'abakunguzi be bamalayika.*
>
> *Kale nga eŋŋaano ey'omu nsiko bw'ekuŋŋaanyizibwa n'eyokebwa mu muliro; bwe kityo bwe kiriba ku nkomerero y'ensi.*
>
> *Omwana w'omuntu alituma bamalayika be, nabo baliggyamu mu bwakabaka bwe ebintu byonna ebisittaza, n'abo abakola obubi;*
>
> Era *balibasuula mu* muliro, *mu kikoomi eky'omuliro:* nga *mwe muliba* okukaaba, manya *okukaaba amaziga n'okuluma obujiji.*
>
> *Kale abantu abatuukirivu balimasamasa nga enjuba mu bwakabaka bwa Kitaabwe. Oyo* alina okutu. . . *awulire.*

5 Awo Yesu nga awa amakulu g'olugero, Ye kennyini, n'olw'ekyo kati tumanyi amakulu gaalwo kye gategeeza. Era kaakano nga kino tukitandikako, eky'okusiga ensigo eno wamu ne—wamu n'amakungula, kaakano Awa amakulu gaalwo. Era nzikiriza nti Yesu olugero luno yali alwogera mu biro Bye, naye nga yali ategeeza nti lulituukirira ku nkomerero y'ensi, manya, ku nkomerero y'omulembe, era ebyo nga bye biro *bino*. Era nzikiriza nti ekitundu kino

ekitono akawungeezi kano kikwataganira ddala n'essaawa gye tulimu, kubanga Yesu yakyogera bulungi wano nti "amakungula gaali ga kubaawo ku nkomerero y'ensi eno," nti awo enkomerero w'eribeererawo; okukuŋŋaanyizibwa kw'eŋŋaano entuufu, wamu n'okukuŋŋaanyizibwa kw'eŋŋaano ey'omu nsiko n'okugyokya, era n'okuyingiza eŋŋaano entuufu mu Bwakabaka. Era nzikiriza bwe kiti bwe kyali.

6 Era n'Ekyawandiikibwa ekirala ekindetera okweyongera okukkiriza bwenti, kye nnawandiise wano, ye Matayo 24:24, awagamba, awoogera ku—ku nsigo—ensigo ekontana n'ey'amazima. Yesu yagamba nti zombi ziriba zifaanagana nnyo n'okutuusa nti kyalikyamizza n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka. Nga zibulako katono okufaanaganira ddala.

7 Awalala nate mu Byawandiikibwa we kyawandiikibwa wagamba, nti enkuba etonnya ku balungi n'ababi.

8 Nzijukira omulundi gwange ogwasookera ddala okugenda mu Bapentekoote. Nnali Mishawaka, mu Indiana. Era nnali mu lukuŋŋaana gaggadde, olwatuula mu kisenge ekyenkana nga kino obugazi, ab'omu Bukiika-kkono n'abomu Bukiika-ddyo mwe baali bakuŋŋaanidde awamu. Olw'okuba mu biro ebyo, waaliwo okusosola mu langi z'abantu, eyo gye baali balina okukuŋŋaanira. Waaliwo ebibinja ebikulu bya ngeri bbiri mu b'oluganda Abapentekoote. Nnali ssibawulirangako wadde okubasisinkana. Gwe mulundi gwe nnasooka okuwulira nga ennimi zoogerwa. Era ku nkomerero y'ennyiriri z'entebe, mu lukuŋŋaana. . .Engeri gye ssaali omu ku bo, nnali nkyali muweereza muto Omubaputisiti, kale nnatuula eri emabega awasembayo. Era nzijukira lwe nnasooka okuwulira omuntu ayogera mu nnimi, nnali ssimanyi na kumanya kye—kye kitegeeza. Era abasajja ababiri bano, okusingira ddala, baali batudde mu maaso, omu nga ayogera mu nnimi ate omulala n'avvuunula omusajja oli by'ayogedde. Kale, nnatandikirawo okwekenneenya Bayibuli yange nga bwe nsobola, era amangu ddala, ne nkizuula nti kyali mu Byawandiikibwa. Nga ky'ekyo kyennyini ekiri mu Byawandiikibwa, ku ebyo Omwoyo Omutukuvu by'alina okukola.

9 Kale, nga wayiseewo olunaku nga lumu oluvannyuma lw'ekyo. . .Ekiro ekyo omutima ne gunsiikuuka. Nnasula mu musiri gwa kasooli. Nnali ssirina ssente zimala kusula mu ki—ki—kisulo, nnali nnina zimala kuntuusa waka zokka, bwentyo nnafunayo ku mandaazi, agaali gamaze ennaku nga bbiri okuva lwe gaafumbibwa, manya, obugaati, bwali bugaati, bwe nnalya nga eky'enkya. Bambi bampita ndiire wamu nabo, naye nga ssirina ssente za kuwaayo. Ebyo bye byali ebiseera, eby'akanyigo k'ebyenfuna n'ebbula ly'emirimu, mu 1933, kale kyali—kyali kizibu ddala okweyimirizaawo. Kale muli ne ndowoozaamu nti, "Kale, nja ku. . .Ssaagala kuliira wamu nabo, naye njagala okumanya kye balina. Waliwo kye balina nze kye ssirina."

10 Kale ku olwo ku makya nnali. . .ne baŋŋamba nti, "Abaweereza mwenna mujje ku kituuti mweyanjule, ggwe ani, era oviira wa."

11 Kale, nze—nze nnagamba bugambi nti, "Nze William Branham, omubuulizi w'enjiri, nviira Jeffersonville," ne ntuula. Era, mu kaseera ako mu babuulizi bonna abajja ku kituuti nze nnali nsingayo obuto. Kati enkeera ne bampita nzije ku kituuti mbuulire. Oluvannyuma nga mmaze okubuulira, ddala, twafuna ekiseera ekirungi, awo ne ntandika okusisinkana abantu ab'enjawulo nga bampita okugenda mbuulire mu kkanisa zaabwe. Era oluvannyuma ne ba. . .

12 Oluvannyuma lw'ekyo, kale, ne ndowoozaamu nti, "Ssinga nsobola okulaba abasajja bali ababiri we bali okwabadde ayogera mu nnimi n'omulala eyabadde azivvuunula!" Ekyo kyali kinjokya mu mutima, nga nkyetaagira ddala. Kale, nga bwe nnabagambye ku ntandikwa, kino kirabo ekyangu ky'oyinza okukozesa mu ngeri ennyangu. Omanyi, ebirabo awamu n'okuyitibwa tebiriiko kusooka kwenenya, obeera nabyo bulijjo mu bulamu bwo, okiraba, ozaalibwa nabyo, bwe biba nga birabo bya Katonda. Kale bulijjo, okuviira ddala nga nkyali kaana kato, kyantuukangako, abo abammanyi obulamu bwange bwonna, bamanyi nti ekyo kituufu. Kale, ssinga nnalowooza. . .Ssaategeera kiki kye kyali mu kaseera ako, nnakiyita kwolesebwa, nnali ssimanyi bumanya kiki kye kyali. Naye ne ndowoozaamu nti, "Ssinga nfuna akakisa ne njogerako nabo!" Kyokka ate, n'omwoyo ogwali mu kizimbe ddala nnali nguwulira nga Mwoyo gwa Katonda.

13 Kale nna—nnayogerako n'omu ku bo, ne mbaako ebibuuzo ebitonotono bye nnamubuuza, nga ddala Mukristaayo yennyini owa nnamaddala. Tewaali kubuusabuusa kwonna, omusajja oli yali mukkiriza ddala. Naye ate ow'okubiri, bwe nnayogerako naye, bwe mba nnali nsisinkanye munnanfuusi, oyo yali omu ku bo. Mu butuufu omusajja oyo yali. . .Mukyala we yali mukazi wa nviiri za kitaka, era nga alina abaana mu. . .abaana babiri mu mukazi omulala ow'enviiri enzirugavu. Ne nneebuuza muli nti, "Kaakati, kino kiki? Kiikino, kati nze—nzenna nsobeddwa. Ndi muntu akkiriza nti ebyawandiikibwa kye bigamba kye bitegeeza; kiteekwa kuba Kigambo, bwe kitaba kyo ssi kituufu. Kyokka wano Omwoyo guno guuguno, nga omu ayogera, era okusinziira ku bwe mmanyi, nga wa mazima; kyokka ate omulala ye nga taliimu kalungi n'akatono; ate nga Omwoyo abakkako bombi. Kaakati, ekyo kisoboka kitya?" Awo, ne kinsobera.

14 Nga wayiseewo emyaka ebiri, nnali mu kusaba eyo mu mpuku gye nnateranga okugenda okusaba. Enfuufu y'omu mpuku n'esukka, ne nfulumako wabweru mu ttuntu, ne nteeka Bayibuli yange awo ku ndoddo y'omuti, embuyaga n'egifuuwa n'Egibikkula mu Baebbulaniya, essuula ya 6. Awaali wagamba, nga mu nnaku ez'oluvannyuma, bwe kiriba ssinga tugwa

okuva ku Mazima nga bwe tutalisobola kwezza buggya eri okwenenya, era nga bwe wataliba nate ssaddaaka eggyawo bibi, wabula nga bwe tuliba nga amaggwa n'omwennyango, ebiriba birindiridde okugaanibwa, nga enkomerero yabyo kwokebwa; naye enkuba etonnya ku nsi, bulijjo, okugifukirira, okugimeza; naye nga amaggwa n'omwennyango byo birigaanibwa, wabula eŋŋaano yo erikuŋŋaanyizibwa. Kale ne ndowoozaamu nti, "Ndaba, embuyaga y'ebikkuddewo." Kale, ne nziramu Bayibuli ne ngiteeka wansi. Ne ndowooza nti, "Kaakati, nja ku. . ." Embuyaga n'ekomawo n'eddamu n'Egibikkula. Ekyo kyabaawo emirundi esatu. Ne ndowooza nti, "Owange, kati nno, ekyo kyewuunyisa."

15 Kati mba nnyimuka, ne ndowoozaamu nti, "Mukama, lwaki Ombikkulidde Bayibuli eyo nsobole okusoma ekyo, we. . .okutuuka lwe ntuuse awo, awagamba nti 'amaggwa n'omwennyango, ebirindiridde okugaanibwa, nga enkomerero yabyo kwokebwa'?" Ne ndowoozaamu nti, "Lwaki, Ombikkulidde awo wennyini we kiri?" Kati mba ntunudde eri ku luuyi olulala. . .

16 Kati, okwolesebwa kuno okwa nnamaddala kujja kwokka awatali kusooka kubaako ky'okola. Katonda y'akikola. Okiraba? Bwe nnatunula ne ndaba ensi nga yeetooloola mu maaso gange, era nga ndaba yonna nnime. Waaliwo omusajja eyali ayambadde ebyeeru, n'agenda nga asiga eŋŋaano. Nga amaze okwetooloola ensi yonna; ate ne wajja omusajja, nga atiisa mu ndabika, nga ayambadde biddugavu, nga bw'amansa ensigo z'ebiddoddo okugyetooloola. Zombi ne zimerera wamu. Bwe zaamera, zombi ennyonta n'eziruma, kubanga enkuba yali yeetaagibwa. Era buli emu ku zo yalabika nga eri mu kusaba, nga bw'ekotese akatwe kaayo nga egamba nti, "Mukama, tonnyesa enkuba, tonnyesa enkuba." Awo ebire eby'amaanyi ne bijja, enkuba n'ezitonnyako zombi. Bwe yatonnya, eŋŋaano entuufu n'ebuuka nga bw'egamba nti, "Mukama atenderezebwe! Mukama atenderezebwe!" N'ekiddoddo ku mabbali gaayo ne kibuuka, nga kigamba nti, "Mukama atenderezebwe! Mukama atenderezebwe!"

17 Oluvannyuma okwolesebwa ne kuvvuunulwa: Enkuba etonnyera abalungi n'ababi. Omwoyo ye Omu asobola okukka mu lukuŋŋaana, era buli omu n'amusanyukiramu: bannanfuusi, Abakristaayo, ne bonna okutwalira awamu. Ekyo bwe kiri ddala. Naye ekyo kiki? Ku bibala byabwe kwe bamanyirwa. Okiraba? Eyo ye ngeri yokka gye kiyinza okutegeerekekamu.

18 Kale kati osobola okukiraba, nti nga ssayiri ey'omu nsiko, manya eŋŋaano y'omu nsiko n'empeke ebiseera ebimu yeefaananyiriza eri entuufu, yennyini ey'awaka, nga egyefaananyiriza nnyo ddala okutuusa nti eyinza n'okukyamya Abalonde bennyini. Ndowooza tuli mu mulembe

ogwo gwennyini, ebintu bino we bisaanidde okubuulirwa n'okwogerwako.

19 Weetegereze mu lunyiriri olwa 41, zino zombiriri nazo zifaanaganira ddala, zifaanaganira ddala mu nnaku ez'oluvannyuma okutuusa nti teyako . . . Yali tasobola kweesigama ku kkanisa gundi okuzaawula, tugambe, nga Abamesodisiti oba Ababaputisiti, oba Abapentekoote, okuzaawula. Agamba nti, "Bamalayika Be b'atuma okuzaawula." Malayika ajja okuleeta okwawula, okwawula wakati w'ekituufu n'ekikyaamu. Era tewali mulala ekyo ayinza kukikola okujjako Malayika wa Mukama. Ye yekka ajja okwawula ekituufu kye kiri wa n'ekikyaamu kye kiri wa. Katonda yagamba nti alituma bamalayika Be mu biseera ebisembayo. Si kutuma bamalayika mu mirembe egya wakati *wano*, wabula bamalayika ba kutumwa mu biseera ebivannyuma, balyoke bakuŋŋaanye wamu. Tukimanyi bulungi nti kino kye kiseera ekijja eky'amakungula kaakati. Kati, *malayika* mu butuufu bwe kivvuunulwa kitegeeza "omubaka." Era tukiraba nti waliwo bamalayika musanvu eri amakanisa omusanvu, era kati . . . nedda, okuyita mu mirembe gy'ekkanisa.

20 Weetegereze b'ani be yagamba nti be basizi, n'ensigo kye zaali. Ekisooka, omusizi yali Ye, Omwana wa Katonda, eyagenda nga asiga Ensigo. Ate omulabe n'ajja nga ava emabega We, nga oyo ye yali ssetaani, n'asiga ensigo ekontana n'ey'amazima, oluvannyuma lw'okusigibwa kw'Ensigo entuufu. Kaakati, ab'emikwaano, ekyo kizze kibaawo mu buli mulembe kasookedde ensi ebaawo. Ddala. Okuviira ddala ku lubereberye, kyatandika kintu kye kimu.

21 Kaakati yagamba nti, "Ensigo ya Katonda, Ekigambo kya Katonda." Yesu alina we yayogerera, awamu n'agamba, nti "Ekigambo Nsigo." Era buli nsigo ejja kubala ebyo ebigifaanana. Kale kati bwe kiba nti Abakristaayo, abaana ba Katonda, abaana b'Obwakabaka bafuuse Ensigo ya Katonda, kitegeeza bateekwa okuba nga bo kye Kigambo kya Katonda, nga kye Kigambo kya Katonda ekirabisiddwa mu mulembe ogwo gwe balimu, nga Ensigo eyasuubizibwa ey'omulembe ogwo. Katonda yawa Ekigambo Kye ku lubereberye, era buli mulembe gubaddenga n'Ensigo yaagwo, n'ekiseera kyagwo, n'ebisuubizo byagwo.

22 Kati, Nuuwa bwe yajja, ye yali Ensigo ya Katonda, Ekigambo kya Katonda eri omulembe ogwo.

23 Musa bwe yajja, yali tayinza kujja na bubaka bwa Nuuwa, bwali tebuyinza kukola, kubanga ye yali Ensigo ya Katonda mu kiseera ekyo.

24 Ne Kristo bwe yajja, yali tayinza kujja na bubaka bwa mulembe gwa Nuuwa wadde ogwa Musa; wabula kyali kiseera

Kye, embeerera okuba olubuto n’ezaala omwana Ow’obulenzi, Oyo eyali ow’okubeera Masiya.

25 Kaakati, tuyise mu mulembe gwa Luther, omulembe gwa Wesley (omulembe gw’Abamesodisiti), n’okuyita mu mirembe egyo gyonna, n’omulembe gw’Abapentekoote, era buli mulembe gubaddenga guweebwa ekisuubizo ky’Ekigambo. Era abantu b’omulembe ogwo, abooleka Ekigambo ekyo ekyasuubizibwa, abo ye Nsigo y’omulembe ogwo, okusinziira ku ekyo Yesu kye yayogera wano nti, “Abo be baana b’Obwakabaka.” Bwe kiri. Okulabisibwa kw’Omwoyo Omutukuvu nga akolera mu baana Be ze Nsigo z’Obwakabaka ez’omu mulembe ogwo.

26 Wekkaanye, eŋŋaano ey’omu nsiko yali yo, omulabe, Ssetaani, eyasiga enjawukana, manya e—ensigo ekontana, omusango gw’okukola ekintu kino eky’akabi ennyo gwe gwali gusinga. Ssetaani yasiga ensigo ye okuviira ddala ku lubereberye, Katonda bwe yali yaakassa amakungula Ge ag’abantu abaasooka ku nsi. Adamu, nga mazima, n’okumanya yali tannamanya nti waaliwo o—okumanya okw’okutegeera amazima, n’okumanya okw’okwawula obulungi n’obubi, era nga ekyo yali tannakituukako.

27 Naye tukiraba nti, Katonda abaana Be yabawa Ekigambo Kye okuba Obukuumi bwabwe. Obwabwe . . . Tetulina Bukuumi bulala bwonna okujjako Ekigambo kya Katonda. Ekyo bwe Bukuumi bwaffe. Tewali bbomu, tewali mpuku, tewali bifo bya kwekweekamu, tewali zino zi Arizona oba California, ka wabeere wa wonna; Obukuumi tulina bumu bwokka, era nga obwo kye Kigambo. Era Kigambo yafuuka omuntu n’abeera wamu naffe, nga ye Kristo Yesu. Ye ye Bukuumi bwaffe bwokka. Bwe tubeera mu Ye, tuba mirembe.

28 Ka kibeere ekibi nakyo tekibalirwa ku mukkiriza owa nnamaddala. Ekyo obadde okimanyi? Oyo eyazaalibwa Katonda, tayonoona, tasobola kwonoona. Okiraba? Tekimubalirwanako. Ky’ova olaba, Dawudi yagamba nti, “Wa mukisa omuntu oyo Katonda gw’atabalirako kibi.” Bw’oba mu Kristo, oba toliimu kuyaayaanira kwonoona. “Omusinza, bw’amala okugogolwa, aba takyayayaanira kwonoona,” oba tokyakyegomba. Kaakati, eri ensi, oyinza okuba omwonoonyi; naye, eri Katonda, toli, kubanga oli mu Kristo. Oyinza otya okuba omwonoonyi nga ate oli mu Oyo atalina kibi, ate nga Katonda alaba Oyo yekka gw’olimu?

29 Kati kino ekiseera kya makungula. Ku lubereberye, Katonda bwe yasiga Ensigo Ye mu nsi n’agiteeka mu mitima gy’abaana Be, ab’amaka Ge, bakuume Ekigambo ekyo, obwo bwe bwali obukuumi bwabwe bwokka, bwali mu kukwata Kigambo ekyo! Naye ne wajja omulabe n’amenya olukomera olwo, nga asiga ensigo ekontana n’ey’amazima, ekontana n’Ekigambo kya Katonda. Ekyo bwe kiba nga kwali kukontana mu lubereberye,

na kati bwe kiri. Kyonna ekyongera ku Kigambo kya Katonda, na kati kisigala nsigo ekontana n'ey'amazima! Ssifaayo oba kiva wa, oba kiva mu kibiina ki kyonna, oba kiva mu nsonda za bya magye, oba kiva mu maanyi ga bya bufuzi, ekintu kyonna ekikontana n'Ekigambo kya Katonda, eba nsigo ekontana n'ey'amazima.

30 Omusajja bw'ayimirira n'agamba nti mubuulizi wa Njiri, kyokka n'agamba nti "ennaku z'ebyamagero zaayita," eyo eba nsigo ekontana n'ey'amazima. Omusajja bw'ayimirira n'agamba nti muweereza, oba musumba wa kkanisa emu awantu awamu, naye nga takkiriza nti Yesu Kristo aba bumu mu buli ngeri (okuggyako mu mubiri ogw'obuntu), nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, eyo ye nsigo ekontana n'ey'amazima. Bw'agamba nti "omulembe gw'eby'amagero n'abatume gwayita," eyo nsigo ekontana n'ey'amazima. Bwe bagamba nti, "Teri kintu kiyitibwa kuwonyezebwa okuva eri Katonda," eyo nsigo ekontana n'ey'amazima. Ate ebunye mu nsi yonna. Ebuutikira era n'enyigiriza eŋŋaano entuufu.

31 Tulaba nti omusizi eyasooka okusiga ensigo ekontana n'ey'amazima yatuumibwa "ssetaani," era tumanyi nti bwe kityo bwe kyali, mu Lubereberye 1. Kati tulaba nti, ne wano mu—mu Kitabo kya Matayo, essuula ey'e 13, Yesu buli ekikontana n'Ekigambo Kye akiyita "ssetaani." Era na kati mu 1956, ekintu kyonna ekisiga ensigo ekontana n'ey'amazima, nga ekontana n'Ekigambo kya Katonda ekiwandiike, oba ekikyongerako enzivuunula ey'ekimpatiira, eyo eba nsigo ekontana n'ey'amazima. Katonda tajja kugissaamu kitiibwa. Tasobola. Tebisobola kwegatta. Tekisoboka n'akatono. Kiringa ensigo ya kaladdaali; tesobola kutabulwamu kintu kirala kyonna, era tosobola kugitabulamu butonde bwa kikula kirala, kirina kuba kintu nnakabala. Ensigo ekontana n'ey'amazima!

32 Kaakati tulaba nti, Katonda bwe yasiga Ensigo Ye mu Lusuku Adeni, tulaba nti ensigo eyo yazaala Abeeri. Naye ate Ssetaani bwe yasiga ensigo ye ekontana n'ey'amazima, yazaala Kayini. Emu yazaala mutuukirivu; ate endala n'ezaala atali mutuukirivu. Kubanga Kaawa yawuliriza ekigambo ekikontana n'eky'amazima, okwawukana ku Kigambo kya Katonda, kyaviirako ekibi okutandika okuyiringita, era na kati kikyagenda mu maaso okuva ku olwo. Era tetuliyinza kukimalawo okutuusa bamalayika lwe balijja ne basunsulamu ekintu ekyo, Katonda n'atwala abaana Be mu Bwakabaka, n'eŋŋaano ez'omu nsiko ne zookebwa. Weetegereze emizabbibu egyo ebiri.

33 Ssinga tubadde n'obudde obumala ku mulamwa guno, wabula ŋŋenda kukoona bukoonyi ku nsonga enkulu, tusobole okugenda butereevu mu kusabira abalwadde mu ddakiika ntono eziddako.

34 Wekkaanye, ensigo zaabwe zaakulira wamu ddala era nga Katonda bwe yagamba ne wano mu ssuula y'e 13, ey'ekyawandiikibwa kyaffe akawungeezi kano, eya Matayo nti, "Muleke zikulire wamu." Kati, Kayini yagenda mu nsi ye Enodi, ne yeefunirayo omukyala, n'awasa; ate ye Abiri yattibwa, era Katonda n'azzaawo Sseezi mu kifo kye. Awo emigigi ne gitandika okuva awo okweyongera mu maaso, wakati w'eky'amazima n'eky'obulimba. Kaakati, tukiraba nti gyaakuŋŋaana, buli gumu ku gyo, buli luvannyuma lw'ekiseera, era Katonda yalina oku. . .Kyatuuka ekiseera nga gisusse obujeemu okutuusa Katonda lwe yalina okugizikiriza.

35 Naye ku nkomerero ya byonna ensigo ezo zombi zaakula, ensigo enkyamu awamu n'Ensigo ya Katonda, zombi ne ziggyayo emitwe gyaazo gyennyini, era ekyo kyakomekkerereza mu Yuda Isukalyoti ne Yesu Kristo. Kubanga, Ye ye yali Ensigo ya Katonda, Ye yali oluberyeberye lw'okutonda kwa Katonda, teyali kirala kyonna wabula Katonda. Ate Yuda Isukalyoti yazaalibwa nga ye mwana w'okubula, yava mu ggeyeena, bw'atyo n'addayo mu ggeyeena. Yesu Kristo yali Mwana wa Katonda, Ekigambo kya Katonda ekirabisiddwa. Yuda Isukalyoti, mu kukyamya kwe, yali nsigo ya ssetaani, eyajja mu nsi, era nga yajja lwa kukyamya; era nga n'oli bwe yali ku lubereberye, Kayini, jjajjaawe eyasooka.

36 Yuda mu kkanisa yagendanga kutuusa mukolo. Teyali mwesimbu n'akatono. Mu butuufu teyalina kukkiriza; oba ssi ekyo teyandiriddemu Yesu lukwe. Naye, olaba nti, ye yasiga ensigo eyo ekontana n'ey'amazima. Yalowooza nti asobola okubeera mukwano gw'ensi, mamona, ate mu kiseera kye kimu n'abeera mukwano gwa Yesu, naye yagenda okubaako ky'ayinza okukyusa nga tekikyasoboka. Essaawa embi bwe yatuuka, we yakolera ekintu kino ekibi, awo we yabuukira omusittale ogwawula okugenda mu maaso n'okudda emabega. Yalina okukwaata ekkubo lye yakwaata, nga omulimba. Yasiga ensigo ekontana n'ey'amazima, n'agezaako okunoonya okuganja okuva eri ebibiina ebyo ebigunje ebinene eby'ebiro ebyo, n'Abafalisaayo n'Abasaddukaayo. Era n'alowooza nti ayinza okwekolerayo ku kasente, n'aba wa ttutumu mu bantu. Ekyo bwe kiba nga si kye kireetera abangi ennyo okugwa mu kukyamizibwa okwo, nga bagezaako okunoonya obuganzi eri abantu! Leka tunoonye okuganja eri Katonda, so si eri bantu. Naye ekyo Yuda kye yakola okukontana n'amazima kuno bwe kwakomekkereza mu ye.

37 Ate tumanyi nga Yesu ye yali Kigambo, Yokaana Omutukuvu 1, wagamba nti, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'afuuka omuntu n'abeerako naffe." Ekitegeeza nti, Ekigambo ye Nsigo, era Ensigo yafuuka omuntu n'ebeera wamu naffe.

38 Bwe kiba nti Yuda ye yali ensigo y'omulabe n'okukontana n'amazima, nayo yayambala omubiri n'ebeera naffe mu muntu

gwe tumanyi nga Yuda Isukalyoti. Teyalina kukkiriza, kwennyini okwa nnamaddala. Yalina kye yali *alowooza* obulowooza nti kukkiriza. Waliwo okubeera n'okukkiriza; ate n'okukkiriza okwefaananyiriza okukkiriza kwennyini.

39 Era okukkiriza okwa nnamaddala mu Katonda kujja kukkiririza mu Katonda, era Katonda ye Kigambo, tekusobola kwongera kirala kyonna ku Kyo. Bayibuli etutegeeza nti ssinga twongerako ekigambo kimu, oba ne tutoolako Ekigambo kimu, omugabo gwaffe guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu, Kubikkulirwa 22:18, essuula ekomererayo.

40 Mu lubereberye ddala, mu Kitabo ekisooka ekya Bayibuli, Katonda yabagaana okumenyako wadde Ekigambo ekimu ku Ekyo, "buli Kigambo kiteekwa okugonderwa," nga bateekwa kutambulira mu Kigambo ekyo. Yesu, mu makkati g'Ekitabo, n'ajja n'agamba mu mulembe Gwe, n'agamba nti, "Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka, wabula olwa buli Kigambo eki—ekiva mu kamwa ka Katonda." Era ne mu mulembe ogukomererayo ogw'Okubikkulirwa, yatugambirawo, nti "Buli alitoolamu Ekigambo kimu okuva mu Kitabo, oba n'agattako kimu ku Kyo, omugabo gwe guliggyibwamu mu Kitabo ky'Obulamu."

41 N'olwekyo tewateekwa kubaawo kyefaananyiriza kyonna, wabula kirina kuba kya nnamaddala, Ekigambo kya Katonda ekitajunguluddwa! Abo be batabani ba Katonda, ne bawala ba Katonda, abataazaalibwa kwagala kwa muntu, newankubadde okubakwatako obukwasi mu ngalo, oba engeri yonna ey'okubatiza; wabula abaazaalibwa mu Mwoyo wa Katonda, n'Omwoyo Omutukuvu, era nga Ekigambo kyeyoleka okuyita mu bo. Eyo ye Nsigo ya Katonda eya nnamaddala!

42 Omulabe yeegatta ku kkanisa ne yeefuula omukuukuutivu mu kintu ekyagunjibwawo abantu oba n'abaako kye yefuula. Naye ekyo si kye . . . Okwo kukontana na mazima, ekintu kyonna ekitaataaganya enkola ennuŋŋamu eya nnamaddala ey'Amazima g'Ekigambo kya Katonda.

43 Kati tumanya tutya? Tugamba nti, "Ndaba, bagamba, mbu okkirizibwa okukyevvuunulira mu ngeri eyiyo?" Nedda, ssebo! Tewali muntu yenna alina buyinza kuvvuunula Kigambo kya Katonda. Ye yevvuunulira Ebibye. Akisuubiza, era n'Akituukiriza, eyo ye nzivuunula yaakyo. Bw'Aba nga yakisuubiza, era n'Akituukiriza, eyo ye nzivuunula yaakyo. Ekintu kyonna ekikontana n'Ekigambo kya Katonda kiba kirwanagana n'amazima! Awatali kubuusabuusa kwonna!

44 Kaakati, nga bwe ŋŋambye, Yuda teyalina kukkiriza kwennyini. Okukkiriza kwe yalina kwali kwefaananyiriza bwefaananyiriza okukkiriza kwennyini. Yalina o—okukkiriza okwamulowoozesa nti oba oli awo ono ye Mwana wa Katonda, naye nga takimanyidde ddala nti ye Mwana wa Katonda. Ekyo

teyandikikoze. Era omuntu yenna eyekkiriranya ku Kigambo kya Katonda kino nti si ge Mazima, okukkiriza kw'alina kwefaananyiriza bwefaananyiriza okukkiriza kwennyini. Omuweereza wa Katonda omutuufu ajja kunyweerera ku Kigambo ekyo.

45 Ebiro bitono ebiyise, omuweereza omu, ow'omu Arizona, ow'essomero ekkulu, erimanyiddwa ennyo mu kibuga kino, yajja gyendi n'aŋŋamba nti, "Nja—njagala mbeeko kye nkuwabulamu" (Ne ŋŋamba nti . . .) "wonna w'ofunira akakisa akakikola."

Ne ŋŋamba nti, "Kano ke kakisa akasinga obulungi ke mmanyi. Jangu."

46 Kale n'ajja, n'agamba nti, "Mw. Branham, ogezaako oku . . . Nzikiriza oli mwesimbu era oli mwesigwa, naye ogezaako okuddira Enjigiriza y'abatume okugiyigiriza ensi yonna." N'agamba nti, "Omulembe gw'abatume gw'akoma ku batume."

47 Ne ŋŋamba nti, "Kye njagala okusookera ddala okukubuuza, muganda wange, okkiriza nti buli Kigambo kya Katonda kyaluŋŋamizibwa?"

N'agamba nti, "Yee, ssebo, nzikiririza ddala."

48 Ne ŋŋamba nti, "Kati, oyinza okundaga mu Kigambo awagamba nti omulembe gw'abatume gwakoma? Kati, ggwe ndaga we kiri, awo nja kukkiriziganya naawe." Ne ŋŋamba nti, "Eyawandiika eby'abatume, oyo eyalina ebisumuluzo by'Obwakabaka, ku lunaku lwa Pentekoote omulembe gw'abatume bwe gwali gutandika, baagamba nti, 'Abasajja ab'oluganda, tukole tutya okulokolebwa?' N'agamba nti, 'Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggyibwako ebibi, era munaaweebwa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu, kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n'eri abaana bammwe, n'eri abo bonna abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe baaliyita.' Kaakati, Ekigambo kiyinza kitya okwekuba endobo Kyokka na kyokka?"

Omusajja n'agamba nti, "Nninamu ssennyiga ow'amaanyi akawungeezi kano."

Ne mmugamba nti, "Ndowooza, nange bwe ntyo." Olaba?

49 Kati mbuulira, Katonda akyayita? Katonda bwaba akyayita, kitegeeza nti omulembe gw'abatume gukyagenda mu maaso. Ddala! Eri abo bonna Mukama Katonda waffe baaliyita, baaliyita wonna wonna, baaliba ayise, bonna baaliyita gye bujja, guliba gukyali mulembe gwa batume, kubanga Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

50 Kati, tukiraba nti okukontana n'amazima kuno kuzze kusigibwa okuyita mu buli mulembe. Ssinga kibadde kisoboka okukyongerayo mu ddakiika nga kkumi oba kkumi na ttaano eziddako, nnandikikoze, naye tekisoboka. Okuyita

mu mirembe gyonna . . . Ffenna, abasinga obungi ku ffe tusoma Bayibuli. Era kati nga Yesu bwe yajja, yasangawo okukontana kuno, okwawukana. Ye yali Ekigambo ekirabisiddwa, Ye yali okuvvuunula kwa Katonda okw'Ekigambo, kubanga yagamba nti, "Mukebere mu Byawandiikibwa, kubanga mu Byo mulowooza nti mulina Obulamu Obutaggwaawo, nga ate Bye byogera ku Nze." Kiikyo. Ye—Ye yali okuvvuunulwa kw'Ekigambo. Era buli mwana wa Katonda ow'obulenzi n'ow'obuwala eyazaalibwa ogw'okubiri mu mulembe guno ye kuvvuunulwa kw'Ekigambo. Muli bbaluwa mpandiike, ezisomwa abantu bonna. Weewaawo.

51 Labayo, yagamba nti, "Bansinziza bwereere, nga bayigiriza ebikyamya mu kifo ky'Enjigiriza ey'amazima. Bansinziza bwereere, nga mu kifo ky'Enjigiriza bateekawo ebikyamya, enjigiriza z'abantu, ebyayiiyizibwa abantu, nga bye bayigiriza nga babiyita Ekigambo kya Katonda, nga ate tebirina kakwate n'akatono na Kigambo kya Katonda."

52 Labayo, buli mulembe guzze gubala ekibala bwe kityo, buli mulembe gukikoze, era n'ogwaffe tegukisimattuse. Tulina ekintu kye kimu, era ddala tuli mu mulembe ogusinga giri gyonna obukulu nga ogigasse wamu, kubanga kuno kwe kuwumbawumba kw'ebyafaayo by'ensi yonna. Kuno kwe kukontana n'amazima okukyasinzeeyo okubeera ku nsi, kuli ku nsi leero. Mu mirembe emirala okukontana n'amazima kwabaggyanga ku Katonda ow'amazima omulamu, ne kubakyamiza mu kusinza ebifaananyi. Naye leero, Yesu yagamba mu Matayo 24:24 nti biriba bifaanagana nnyo, kabekasinge bikyamye n'Abalonde ssinga kyali kisoboka. Yogera ku kukontana n'amazima! O, kukalabakalaba nnyo. Ssetaani ali mu bantu, nga eyasomerera eby'eddiini, nga Dokita mu by'Eddiini, era asobola okuyigiriza Ekigambo ekyo kyenkana mu ngeri entuufu ddala. Yesu bw'atyo bwe yayogera. Naye ggwe mwekkaanye, wajja kubaawo w'omulabira. Agamba nti, "Kale, naye kaakati, ekyo tekyali kya leero." Ddala, wewaawo, mazima, kya leero, olaba, kubanga Katonda yagamba nti bwe kiri.

53 Laba kye kyakola. Okukontana n'amazima kwe kumu okwassa obusungu bwa Katonda mu biro bya Nuuwa, Katonda bwe yasindika nnabbi We n'abuulira nga omuliro ogwaaka, n'ayita abantu okujja eri okwenenya, era okukontana n'amazima ne kubuutikirwa amataba. Naye Ssetaani kiki kye yakola? Yakomerawo, mu Kaamu, n'addamu n'akusiga buto nate. Ky'ekyo kyennyini.

54 Awo ne wajja Musa, nnabbi ow'amaanyi, okujjayo abaana ba Isiraeri okubayisa mu ddungu. Kiki ekyabaawo? Musa, nnabbi wa Katonda ow'amaanyi, nga abaleetedde Amazima ag'enkomeredde, Amazima agakakasiddwa. Yali asisinkanye Katonda. Katonda yakikakasa nti yali amusisinkanye. Naye

engeri abantu bali, bakabona bali, ate baalina amadiini gaabwe, emikolo gyabwe, n'obulombolombo bwabwe n'ebintu ebirala, naye Musa yayimirira nga obukakafu bw'okuvvuunulwa kw'Ekigambo. Ekyo tokyerabira! Musa ye yali okuvvuunulwa kwa Katonda okw'ekisuubizo Kye. Yagamba nti ye alikikola; ye yali okuvvuunula kwa Katonda.

55 Kiki ekyaddirira? Ekkanisa yali yakasimbula okuva e Misiri, nga yaakatambulako ennaku ntono, naye kiki ekyabaawo? Ssetaani yajja n'okukyamya kwe mu muntu, Kayini ow'okubiri, nga oyo yali Balamu, n'abasigamu okukontana n'amazima. Ekyo tukimanyi nti bwe kityo bwe kyali. Nti Balamu, enjigiriza ya Balamu, egamba nti, "ffenna tuli kye kimu, tuweereza Katonda y'omu gwe muweereza," okusinziira ku nnono ezisookerwako, yali mutuufu, kubanga yawangayo ssaddaaka Katonda gye yawangayo; endiga ennume musanvu, ente ennume musanvu nga abiweerayo ku byooto musanvu, era n'asaba Katonda y'omu ddala nga Musa bwe yakolanga eri mu ddungu, mu ngeri y'emu yennyini. Naye baali tebafaanana! Ekyo kyali kitwoleka ebyali bigenda okujja. Nate era, waaliwo, okulabisibwa kwa Kayini okuyita mu . . . mu muntu ono ayitibwa Balamu. Era ne wabaawo ne Katonda nga yeeyolekera mu muntu ayitibwa Musa, nga avvuunula Ebigambo Bye okuyita mu muntu, nga yeeyoleka, nga ayoleka ekisuubizo Kye, okuyita mu muntu. Awo okukontana n'amazima ne kusituka.

56 Era bwe kutyo bwe kwakola mu nnaku za Yuda, bwe yajja n'okukyamya kwe.

57 Ate, jjukira nti, ekibi kino abantu bali kye bakkiriza, eky'okugamba nti "ffenna tuli kye kimu, tusinza Katonda y'omu, era ffenna tusaanidde kubeera mu kkanisa emu, tusaanidde kubeera bantu be bamu," ekibi ekyo Isiraeri tekyagisonyiyibwa! Yesu yagamba, Ye kennyini nti, "Bonna baafa!"

58 Baazikirira, bonna okujjako abasatu ku bo. Era abo be baasigala nga banyweevu era ne bakkiriza ekisuubizo. Abatiitiizi bwe baagamba nti, "Ensi tetuyinza kugirya, etuyitiriddeko," n'ebirala ebiri nga ebyo, Kalebu ne Yoswa ne bakkakkanya abantu, ne bagamba nti, "Tuyinza nnyo n'okukirawo okugirya, kubanga Katonda yagitusuubiza! Ssifaayo oba abatulwanyisa benkana wa!"

59 Era tukyasobola okubuulira okuwonyezebwa okuva eri Katonda, n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, era tukyalina amaanyi ga Katonda agatwawukanya ku bintu by'ensi. Ekyo Katonda ye yakyogera! Omulembe gw'abatume teguggwangako, era tegulikoma, wabula gweyongera bweyongezi mu maaso.

60 Kale, tulaba omusizi w'okukontana n'amazima y'omu ow'edda. Ate jjukira nti, ekibi ekyo tekyabasonyiyibwa. Kaakati, ow'oluganda, bwe kiba nga tekyasonyiyibwa mu kiseera kiri, kiri

kitya ate kaakati nga e—ensigo yennyini ey'emirembe gyonna yeegasse wamu?

61 Weetegereze ekintu kino eky'enkukunala Balamu kye yakola, kyagenda kiddiŋŋana, era ne kikomekkereza mu kujja kwa—kwa Yuda Isukalyoti, ne Yesu. Kyali kiki? Yuda ne Yesu baali batuukiriza ddala ebya Kayini ne Abeeri. Kubanga, nga Yuda bwe yali munnaddiini, ne Kayini bw'atyo bwe yali munnaddiini. Kayini yazimba ekyooto, n'awaayo ssaddaaka, n'asinza Katonda, era mu kukola ekyo yali mwesimbu nga oli omulala bwe yali. Naye, omanyi, teyalina kubikkulirwa kwa kumanya kiki Ekigambo kye kyali. Yalowooza nti Adamu ne Kaawa baalya kibala kya apo oba ekibala ekirala kyonna. Kyokka Kayini. . . Abeeri, olw'okubikkulirwa, ye yakitegeera nti ekyo kyali kikyamu; gwali musaayi gwe gwabaggyayo, bw'atyo n'awaayo omwana gw'endiga. Era Katonda n'akakasa nti ssaddaaka ye yali ntuufu. Awo oli n'akwatibwa obuggya n'agezaako okutta muganda we. Era nga bwe yattira muganda we ku kyooto kyennyini ssaddaaka ye kwe yafiira, n'omwana gw'endiga gwafiira ku kyooto, bw'atyo ne Yuda Isukalyoti bwe yalyamu Yesu Kristo olukwe ku kyooto kya Katonda, era n'amutta nga Kayini bwe yatta Abeeri. Kubanga, Kayini yali nsigo ekontana n'ey'amazima.

62 Era ne Balamu bwe yali, nnabbi omupangise, omusajja eyali asuubirwa okuba nga ategeera ky'akola. Era Katonda yamulabula nga ayita mu bubonero n'ebyewuunyo, n'ennyumbu n'etuuka okwogera mu nnimi ezitamanyiddwa, naye era n'agenda bugenzi mu maaso. Yali yazaalibwa kubeera mu—musizi wa kukontana na mazima.

63 Era oba nga Yesu yalagulirawo nti omulembe guno gulikomekkerereza mu kukontana n'amazima okukyasinzeeyo okwali kubaddewo, omulembe gw'ekkanisa eya Lawodiikiya, ogw'ekibuguumirize, ogw'amugoba mu kkanisa, guyinza gutya okuba ekirala kyonna ekitali ekyo: Kukontana na mazima! Ddala, kye guli. Kuwunzikira mu mulembe ogwo.

Era n'e Kalivaaliyo yali Kayini ne Abeeri.

64 Kaakati weetegereze, nga bwe kyali, amangu ddala nga Yesu yaakavaawo, n'agenda mu Ggulu, Omwoyo Omutukuvu yasindikibwa ajje. Oyo ye yali Ensigo, Ewa-Obulamu eri Ekigambo, nga bwe twagambye eggulo. Ye Oyo awa Ekigambo obulamu. *Okuwa obulamu* kitegeeza "okussa Obulamu mu kintu." Omwoyo Omutukuvu owa nnamaddala Ekigambo ekyo akifuula bufuuzi ekiramu kiryoke kibeere Ekyo kye kiri. Tasobola kuwa Bulamu kintu ekyayiiyizibwa obuyiiyizibwa, tasobola, kubanga Ye talina kakwaate na biyiiye. Ye bwe Bulamu bw'Ekigambo kya Katonda, kubanga Ye Katonda. Olaba? Era y'Awa Omubiri ogwo obulamu.

65 Kaakati weetegereze, bwe baakola. Era, Bayibuli egamba nti, awo—awo Yokaana n'ayogera eri abaana be n'agamba nti, "Abaana abato, mwawulira ku mulabe wa Kristo eyali ow'okujja mu nsi," n'agamba nti, "nga ne we njogerera ali mu nsi, era nga akolera mu baana abajeemu." Kaakati, ekyo kyaliwo emyaka nga asatu oluvannyuma lw'okujja kw'Omwoyo Omutukuvu. Tulaba nti, Omwoyo Omutukuvu bwe yajja, Ensigo yennyini, Omugabi yennyini ow'Obulamu eri Ensigo, era ne wajja okukontana n'amazima kuli nate. Era wekkaanye, kweyongerayo mu maaso. Kwali ku . . .

66 Ekigambo kyennyini kyali kimaze okukakasibwa, bannabbi ab'edda baali baamala dda okukakasa Ekigambo kya Katonda nga bwe gali Amazima nga bwe baatumibwanga mu biseera byabwe. Bwe waba nga waliwo omuntu yenna eyali asomye ebyaliwo mu *Lukiiko lwe Nikyeya*, oba *ebyaliwo nga Olukiiko lwe Nikyeya Terunnabaawo*, ennaku ekkumi n'ettaano ezaalimu eby'obufuzi eby'okuyiwa omusaayi, Abaruumi bwe baayagala bagende baddire ekkanisa eyo bagifuule ekibiina ky'eddiini. Bannabbi bajjanga, nga bambadde amaliba g'endiga, nga balya bivaavava, ne bayimirira ku lw'Ekigambo ekyo! Naye kiki kye kyakolawo? Kyalina kuba nga bwe kyali ku Kayini, kyalina kuba nga bwe kyali ku Abeeri, omu yalina okufa. Ddala, era bwe kyali. Era Ekigambo ne kityooboolwa mu maaso g'abantu, era bonna ne bagaana Ekigambo eky'amazima ne batwaala ebyagunjibwa abantu ebikontana n'amazima eby'eklezia Katolika. Ne bongerako paapa, ne bongerako omulabirizi, ne bongerako *kino*, *kiri*, *n'ekirala*. Ne bajjawo amakulu amatuufu aga Petero, n'aga—aga—aga Malyamu, ne—n'abalala bonna; ne bakola ebifaananyi, ne bakola emikolo obukolo egy'ekisamize okuva mu ekyo kye baali bayita eddiini engoberezi ya Kristo. Kyali kiki ekyo? Nsigo ekontana n'ey'amazima! Ne beekolamu ekibiina ekigunje, ekibiina ekigunje, omulundi ogwasookera ddala ku nsi, ekkanisa ey'obuntu. Kyali kiki? Ensigo eri ekontana n'amazima yatandika okusigibwa, nga bafunayo kye bongerako bulijjo, ne kye batoolako.

67 Ani yali awuliddeko, mu Bayibuli, eky'obutalya nnyama ku Lwokutaano? Ani yali awuliddeko, mu Bayibuli, nga eyogera ku kumansira obumansizi amazzi mu kyenyi mu kifo ky'okubatiza, okw'okunnyika? Ani yali awulidde ku bintu ebyo, nga ebya "Mirembe, Maria" oba ebirala byonna? Ate, ani yali awulidde ku bintu bino ebivundu ebitaliimu makulu ebiyigirizibwa Enzikiriza zino ezaayawukana ku bukatuliki? Entamu tesaanidde kuyita bbinika kaddugala ate nga nayo nzirugavu. Ky'ekyo! Oyo, amenya etteeka erisingayo obutono aba amenye gonna! Ani yali awuliddeko Katonda nga akolagana n'ekibiina ekyagunjibwa abantu? Ndagaayo omulundi gumu ekibiina ekyali kigunjiddwa ne kisigala nga kiramu. Byafiirangawo, era tebyaddangamu kusituka nate!

Ekiseera kituuse wabeewo ekibaawo, ekiseera kituuse Katonda atambule. Kyatyooboola obwesige bw'abantu.

68 Kye kimu ekikoleddwa ne leero. Batyooboola erinnya lyabwe, nga bagamba nti, "O, abatukuvu abo abeevulunga, tebaliimu nsa." Era, lwaki, kukontana na mazima! Naye gasimbagane n'Ekigambo olabe Kye kiri, olabe oba nga Katonda teyevvuunulira Kigambo Kye. Katonda okuva mu mayinja gano asobola okuyimusaamu abazzukulu eri Ibulayimu. Amiina.

69 Ekigambo kyali kikakasiddwa ddala mu Bakristaayo bali abaasooka, nga Katonda bwe yabanunulanga okuva mu buli kintu, mu ndwadde, era baalinanga bannabbi, era baayogeranga mu nnimi, ne bazivvuunula, ne bawa n'obubaka obwakakasibwanga okuba amazima buli kiseera. Naye wadde nga waaliwo Ekigambo ekyo ekyali kikakasiddwa, abantu baagaana kigaane, ne balondawo kibiina kya ddiini. Ekyo nga ye nnyina w'ebibiina byonna ebyagunjibwa abantu.

70 Zombi zikulidde ddala kaakati. Zaatandika okubala ensigo nate. Yafa, naye n'eddamu okutojjera mu biro bya Luther, nga bwe tumanyi okuva ku bubaka obwasoose ku makya ga leero obw'ekyenkya. Yatojjera mu biro bya Luther. Naye kati kiki kye baakola? Amangu ddala nga omusajja oyo ow'amaanyi yaakafa, baakola ekibiina ekigunje.

71 Awo n'etojjera. Nate mu nnaku za John Wesley, awo Abangirikaani, nga beekwaasa enjigiriza nti omukkiriza tasobola kubula nga bagisussizza nnyo kata batuuke n'okukkiriza nti abantu bonna balirokoka, era kiki ekyaddirira? Katonda yayimusa omusajja ayitibwa John Wesley, byonna n'abimenyawo. Kyokka olwamala okufa bw'ati, ye awamu ne Asbury n'abalala, kiki ekyaddirira? Beekolamu ekibiina ekigunje, era be bano Abamesodisiti ab'ebika eby'enjawulo b'olaba ennaku zino. Oluvannyuma ne walyoka wajja ono oba oli, Alexander Campbell, John Smith, n'abalala.

72 Oluvannyuma lwa byonna, ne walyoka wafubutukayo Abapentekoote, nga bafuluma mu biri byonna. Kiki ate ekyaddirira? Okudduka baali badduse bulungi, naye kiki ekyabaziyiza? Mwaddayo mu ttosi lye limu mwe mwaali mwaava, ne muddayo mu bitoomi bye bimu, ne muddayo mu kukontana n'amazima n'okukola ebibiina ebigunje, nga musazeewo okwekkiriranya ku Kigambo. Okutuusa nti buli mulundi Katonda lwe yasindika ekipya gye muli, nga temusobola kukikkiriza. Ky'ekyo! Okukontana n'amazima ne kuddamu! Ate, wekkaanye, nga bwe nnagamba luli, akasusunku ako akasookera ddala akaviira ddala wansi ku mulandira guno, ke kamu akatuukira ddala eno mu bikoola ne katuuka ne mu luyange, era kaako kaddayo mu kikolo nate, ne kafulumayo. Akasusunku k'eŋŋaano ako kyenkana kafaanana nga empeke yennyini, era twalowooza nti ye yo, naye nga bw'okasusa,

tosangamu mpeke n'emu. Kawanirira buwanirizi mpeke esobole okukuliramu, bwe kamala nga nako kafa, nga obulamu bukavaamu nga budda mu mpeke. Kati labayo, n'amakanisa agaasiga bagayita . . .

73 Tulaba leero nti ge tuyita amakanisa gaffe, n'Abapentekoote baffe bennyini, twafulumayo, naye ne twesanga nga tetumatidde, ne tuwalirizibwa okutandikawo ebibiina ebyaffe. Buli eyatandikangawo, nga bagamba nti tulina okuba na *kino,* tulina okuba na *kino,* kale ne kituwaliriza okuba n'ekibiina ekirala. Omu n'ayimuka, n'agamba nti, "Alijjira ku kire ekyeru." Omulala n'agamba nti, "Uh-huh, Alijjira ku mbalaasi enjeru." "Kale, tukole ebibiina bibiri." Kaakati, okiraba? Okukontana n'amazima nga kwe basiga! Bw'Alijja, oba mu ngeri ki, Ye aly'evvuunulira Ekigambo Kye nga Azze. Ka tulinde bulinzi okutuusa ku olwo. Kwaata e . . . Bw'odda mu kwogera ku ebyo, n'Obubaka bw'ekiseera kyo okomekkereza tobufunye. Obeera osonga ku ebyo Katonda by'Alikola, oba bye yakola, kyokka n'otafaayo ku ebyo by'Akola kaakati. Bwe tutyo bwe tukissaamu okukontana.

74 Kaakati tulaba leero nga amakanisa gaffe, gonna—gonna amakanisa gaffe gasize mpewo, era ne gakungulamu mbuyaga y'akazimu. Tetulina nkuŋŋaana za kwegayirira, tetukyabeera na nkuŋŋaana ze twabanga nazo. Mutawaana ki? Tussizza wansi omutindo ku buli kintu. Tunuulira, n'amakanisa gaffe ag'Ekipentekoote, gajjuddemu bakazi abakomodde enviiri. Ekyo tekyakkirizibwanga. Beetonyeetonye mu maaso, beesiizesiize langi ku njala, ne kafankunaali owa buli ngeri; osanga abasajja abalina . . . nga bafaanana nga ba Ricky n'abalala; abamu nga baakawasa emirundi nga esatu oba ena, nga mw'otwalidde n'abadiikoni babwe; o, ekyo nga kikontana nnyo n'amazima! Bugwagwa bwennyini! Bayinza batya okukola ekintu nga ekyo? Katonda tayinza kukikkiriza kuba mu Kkanisa Ye, kale baba balina kugenda mu bibiina ebigunje okusobola okwetaba mu bintu nga ebyo. Kyokka omuntu n'atya okukyogerako, olw'okuba ajja kugobebwa mu kibiina ekyo. Katonda, tuwe abasajja abatalina kirala kyonna kye beekutteko okuggyako Katonda n'Ekigambo Kye, abanaayogera Amazima ku nsonga eyo. Ekyo kye twetaagira ddala. Tukoze ki? Tusize kukontana na mazima kwereere. Tusize mpewo, kaakano tuutuno tukungula mbuyaga y'akazimu.

75 Weetegereze nti kaakano ziri mu kukuŋŋaanyizibwa wamu ziryoke zookebwe. Wali okyetegerezza, nti Yesu yagamba, "Musooke, muzikuŋŋaanyize wamu, muzisibe emiganda, era emiganda gyonna mugikolemu entuumu emu, Ndyoke mbyokye." Waliwo ekiganda ekimu ekiyitibwa Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, Abaluzalaani, era byonna biri mu kwegatta wamu mu Kakiiko akagatta Amakanisa g'Ensi yonna. Kye kiki ekyo? "Musooke mugikuŋŋaanye wamu!"

Aleeruya! Okyekkaanyizza? Asooka kukuŋŋaanya ŋŋaano ya mu nsiko, n'asooka agyawula okuva mu ŋŋaano entuufu, n'abyawula nti: "Mugikuŋŋaanye wamu mugyokye." Zonna za kwokebwa n'okulamula kwa Katonda, olw'okusiga okukontana n'amazima mu bantu, ebintu bye ba . . . Nga balabika nga abatya Katonda, kyokka nga beegaana Amaanyi agali mu kumutya, nga beegaana Ekigambo, nga beekwaata ku bulombolombo bw'eddiini, obw'ebigunje omuntu omu bye yawagikamu, nga agezaako okubiwagika mu Kigambo kya Katonda. Tekijja kukola. Okwo kuba kukontana na mazima.

76 Njogerera waggulu leero, nga bwe kyali luli, nnabbi ow'amaanyi ow'edda, Amosi, bwe yaserengeta mu kibuga kiri, n'agamba nti, "Ssiri nnabbi, wadde omwana wa nnabbi. Naye empologoma bw'ewuluguma, ani atayinza kutya?" N'agamba nti, "Katonda bw'Ayogera, ani ayinza okugaana okulagula?" Yalangirira omusango ku mulembe ogwo, n'agamba nti, "Katonda yennyini gwe mugamba nti gwe muweereza y'alibazikiriza."

77 Kino mukiteekeko, kiri ku lutambi, era mukijjukire. Katonda yennyini gwe . . . Abantu bano bonna kaakati abakuŋŋaanya amakungula gano amanene aga—ag'Akakiiko Akagatta Amakanisa g'ensi yonna, era mujja kuwalirizibwa okukayingiramu. Temusobola kukeewala. Kijja kubeetagisa nga bassekinnoomu obutakeetabaamu, oba si ekyo mujja kukeetabamu. Tewajja kubaawo bya nnampawengwa. Ke kajja okuba akabonero k'ensolo. Nga tewali ayinza kugula wadde okutunda, okujjako oyo alina akabonero ako, oba alimu okukontana n'amazima mu ye. Kale, mukidduke! Mukiveemu! Mukyewalire ddala! Mukidduke! Katonda gwe bagamba nti gwe baweereza y'alibazikiriza. Katonda oyo omukulu ow'okwagala atajja . . .

Oli ayinza okugamba nti, "Naye, Yesu yasaba ffenna tubeere bumu."

78 Naye ate y'omu eyagamba nti, "Muyinza mutya okutambulira awamu, ababiri bayinza batya okutambulira awamu, nga tebakkiriziganya?" Yagamba "omu," nga Ye ne Kitaawe bwe bali Omu. Kitaawe ye yali Kigambo, ate Ye nga ye Kigambo ekirabisiddwa. Yali "Omu" ne Kitaawe, kubanga Ye yali okulabisibwa kw'Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa. Era ne leero bwe kityo bwe kiri, ne mu biro ebirala byonna. Yee, ssebo. Katonda ali Omu. Ayagala naffe tube bumu.

79 Naye *buno* buyinza butya okuba obumu, nga *ono* awakanya okuzaala kw'embeerera, nga ate *ono* takuwakanya, nga awakanya okuwonyezebwa okuva eri Katonda, nga waliwo *ono*, *n'oli*, nga bonna bali mu kavuyo bwe katyo? Abamu ku bo ne Katonda tebamukkiririzamu, okukkiriza nti yali Mwana wa Katonda; bakkiriza nti Oyo yali mutabani wa

Yusufu, ate gwe *bayita* Omwana wa Katonda. Ddala ddala. Ab'oluganda abalongo banne b'Abaluzalaani, Abazwingiri, ekyo kye bakkiriza, nti yali musajja mulungi kye kyokka. Ab'enzikiriza ya Ssayansi w'Ekikristayo bagamba nti yali nnabbi, omuntu owa bulijjo, naye teyali Katonda. Naye, bw'aba nga teyali Katonda, kitegeeza nti ye mulimba nnakinku ensi gwe yali erabye. Yali Katonda oba si ekyo teyali kintu kyonna. Yali Katonda! Yali Katonda, Yennyini, nga afuuse omuntu n'abeera naffe, mu muntu ayitibwa Omwana wa Katonda. Ddala, ekyo kye yali.

80 Kaakano tukiraba nti okukontana n'amazima kwasensera. Tumanyi nti weekuli, era ekyo tewali ayinza kukiwakanya. O, bannange! Ggwe labayo. Ajja kuzikiriza ekibiina ekyo ekyerowooza nti kiweereza Katonda. Ggwe tunula olabe.

81 Katonda yasiga Ensigo Ye. Mmaliriza, kubanga akaseera k'okutandika olunyiriri lw'ab'okusabirwa katuuse. Katonda yasiga Ensigo Ye, era Ensigo Ye ye Kristo. Ekyo nja kukibuulirako mu biro bitono gye bujja, wa Katonda we yasalawo okuteeka Erinnya Lye, Mukama nga ayagadde, oba oli awo mu kimu ku by'enkya bwe nnaaba nfunyeyo ku kaseera. Labayo, Ye lye Kkubo lyokka ery'obuddukiro. Ye w'Obuyinza obw'enkomeredde yekka ow'amazima. Ye Katonda yekka ow'amazima, era tewali mulala yenna ali awamu naye. "Nze Katonda, era nze Katonda nzekka," bwe yagamba. Yesu yagamba nti, "Lino lye tteeka: Wulira, Ayi ggwe Isiraeri, Nze Mukama Katonda wo, ndi Katonda omu. Ye Nze. Lwaki munoonya omulala? Omulala alijja. . . Nnajja mu Linnya lya Kitange, ne mutansembeza. Naye omulala alijja mu linnya lye ye, era mulimusembeza." Era ekyo baakikola e Nikyeya.

"Oli Mukristaayo?"

"Ndi Mubaputisiti."

"Oli Mukristaayo?"

"Ndi Mupentekoote."

"Oli Mukristaayo?"

"Ndi Mumesodisiti," oba erinnya eddala lyonna.

82 Naye bwe kituuka ku Linnya eryo erya "Yesu Kristo," balyewalira ddala nga bwe basobola, tebaagalira ddala kubaako kakwaate nalyo, kubanga Ye ye Kigambo ate Ekigambo kyeyoleka ku bwakyo. Labayo, lye Kkubo lyokka ery'obuddukiro! Ye kimuli kya Roza ekya Saloni, Bayibuli bw'egamba nti ekyo kye yali. Buli kitiibwa kya Katonda (mu Bayibuli) kya Yesu Kristo. Ye yali Alufa, Omega, Olubereberye n'Enkomerero; Oyo Eyaliwo, Aliwo, era Ajja okubaawo; Ekikolo era Omuzzukulu wa Dawudi, byombi Ekikolo era Omuzzukulu wa Dawudi; Emmunyeenye ey'Enkya, ekimuli kya Roza ekya Saloni, Eddanga ery'omu Kiwonvu, Alufa, Omega, Kitaffe,

Omwana, Omwoyo Omutukuvu, byonna mu Yesu Kristo! Ye yali okulabisibwa okujjuvu okwa Yakuwa Katonda nga afuuse omuntu n'abeera wamu naffe. Ky'ekyo kyennyininnyini kye Yali.

83 Ye yali ekimuli kya Roza ekya Saloni. Ekimuli kya Roza ekya Saloni baakikozesanga ki? Baakikunyanga, ne bakikamula, okusobola okukiggyamu akaloosa. Roza ennungi balina okugikamulira ddala okugiggyamu akaloosa. Obwo bwe Bulamu obulungi, tewabangawo bulamu bubwenkana, naye bwalina okukamulwamu e Kalivaaliyo.

84 Labayo, baddira a—amafuta g'ekimuli kya Roza ekya Saloni ne bagafuka ku Alooni, yalina okufukibwako amafuta ago okusobola okugenda mu maaso ga Mukama awatukuvu, emabega w'eggigi ettukuvu. Yali alina okufukibwako amafuta g'ekimuli kya Roza ekya Saloni, okusobola okuyingira okumansira entebe ey'okusaasira buli mwaka. Era amafuta ago gaali gateekwa okumubeerako, nga akaloosa akawunyira Mukama obulungi, nga asitudde omusaayi gw'omwana gw'endiga mu maaso ge, nga naye amaze okumansirwako n'omwana gw'endiga. Enkomamawanga n'ebide nga biri ku matanvuuwa ge, nga alina ekigere ky'asimbula, ne bivuga nti "mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu Mukama."

85 Laba, Oyo kye kimuli kya Roza ekya Saloni, Akaloosa ako akawunya obulungi, Amafuta agali ku bantu Be. Toyinza kujja mu maaso Ge na kiyiiye kyonna, oba ekintu ekirala kyonna, okuggyako amafuta g'ekimuli kya Roza ekyo ekya Saloni, nga kye Kigambo. Era ye Ddanga ery'omu Kiwonvu.

86 Kaakati, eddagala erikkakkanya obwongo olifuna otya? Ofuna eddagala erikkakkanya obwongo ng'oddira eddanga n'olikamula, n'olyoka ofunamu eddagala erikkakkanya obwongo. Abasawo balikozesa eyo gye bakeberera endwadde. Ddira omusajja ajjudde okweraliikirira asobeddwa, oba omukazi, alinga agenda okutabuka omutwe, nga ava muno adda muli nga bw'awoggana, nga yenna ajjudde okutya okutagambika, omusawo akozesaako katono ku ddagala lino erikkakkanya obwongo n'amukuba empiso ku mukono oba awalala awali omusuwa, oba ogw'omusajja, awo omuntu oyo n'akkakkana. Bakkakkanira ddala okumala akabanga. Naye eddagala eryo erikkakkanya obwongo kasita liggwaamu, nga baddamu nate, bubi nnyo okusinga bwe babadde mu kusooka.

87 Naye ka mbabuulire, ab'emikwano, ekyo kifaananyi bufaananyi ekiraga Eddagala ettuufu erikkakkanya obwongo eriva mu Ddanga ery'omu Kiwonvu lye mmanyi. Ye Ddanga ery'omu Kiwonvu. Yakamulwa e Kalivaaliyo. Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, era olw'emiggo Gye twawonyezebwa. Mu ekyo, eky'okukamulwa kw'ebimuli, yali Kimuli. Ye kye Kimuli ekikyasinzeeyo mu bimuli byonna ebyali bibaddewo, lyali Ddanga lino ery'omu Kiwonvu, era ekimuli kya Roza

kino ekya Saloni. Kati olwaleero, alengejjera wakati w'Eggulu n'ensi, nzikiriza, bw'atyo bwe yali mu kiseera kiri, manya, oku—okuggyawo ebibi by'ensi n'okukomyawo okuwonyezebwa eri ensi. Era Bayibuli egamba nti Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

88 Mukwano gwange, Katonda bwe yagamba Musa, mu ddungu, era nga—nga ekyo kyali kifaananyi Kye, okuyimusa omusota ogw'ekikomo ekizigule. Era ekikomo ekizigule kabonero akooleka ekibi ekisaliddwa omusango, omusota ekyo kye gulaga, *omusota ogw'ekikomo ekizigule* gulaga "kibi ekimaze okusalirwa omusango." Nga bwe kiri nti, *ekikomo ekizigule* kwe "kulamula kwa Katonda," nga ekyoto eky'ekikomo ekizigule okwateekebwanga ssaddaaka bwe kyali. Ne Eriya yatunula waggulu n'agamba nti eggulu lyali lifaanana nga ekikomo ekizigule, okulamula kwa Katonda nga kuli ku ggwanga eryali ligudde okuva ku Katonda. Ekikomo ekizigule kifaananyi ekiraga omusango, okulamula kwa Katonda. N'omusota gwali gwoleka ekibi ekyali kimaze okusalirwa omusango; era Yesu ye yali omusota ogwo bwe yafuulibwa ekibi ku lwaffe, ne yeetikka okulamula kwa Katonda ku Ye. Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, n'abetentebwa olw'obujeemu bwaffe, ekibonerezo ky'emirembe gyaffe kyali ku Ye, era olw'emiggo Gye tuwonyezebwa.

89 O, Katonda kabada Ye ejjudde Eddagala erikkakkanya obwongo, akawungeezi kano, ku lulwo. Mukwano gwange Omukristaayo, oli mulwadde era obonaabona. O, okooye, nga embeera ekukaluubiridde nnyo. Tokyasobola kukigumira, ojja na ku—kutabuka omutwe mu mulembe guno gwe tulimu.

90 Muwulidde ebya *Life Line* akawungeezi kano, bye bagambye, mbunno—mbunno Russia egamba, mu '55, baali baagala kuba nga "ensi yonna be bagifuga mu bujjuvu"? Ekyo nga tekinnabaawo Okukwakkulibwa kwe kulina okusooka okujja. Kati kusembedde kyenkana wa, mukwano gwange? Kusemberedde ddala kaakano.

91 T'omunoonenyeze ddala n'omutima gwo gwonna olwa leero? Ye Ddanga ery'omu Kiwonvu, era Ye omu, jjo leero, n'emirembe gyonna. Ali wano akawungeezi kano okwesitula yeewanike waggulu mu bantu Be, okufaanana nga Musa bwe yawanika aka—akabonero k'ekibi, ekisaliddwa omusango. Ate si kibi kyokka, naye n'endwadde. Jjukira, Yesu yagamba nti, "Nga Musa bwe yawanika omusota ogw'ekikomo, n'Omwana w'omuntu bw'atyo ateekwa okuwanikibwa." Musa lwaki yaguwanika? Lwa kibi, obutakkiriza, n'endwadde. Yesu naye, yawanikibwa, lwa kibi, endwadde, n'obutakkiriza. Yali kintu kye kimu.

92 Kati, akawungeezi kano, mu nnaku zino nga tulina okukontana n'amazima kuno okususse, Yesu Kristo yasuubiza

mu Lukka, nti mu nnaku za. . .nga okujja kwa Mukama tekunnabaawo, kiriba nga bwe kyali mu biro bya Sodomu, n'olwo Omwana w'omuntu lw'Alyebikkula, okufaananako nga Omwana w'omuntu bwe yeebikkulira Ibulayimu emmanga eri; Elohimu, Katonda, nga ayambadde omubiri ali wamu n'abantu, n'abeera eyo ne Ibulayimu n'amulaga, n'amubuulira Saala bye yali alowooza (eyali atudde emabega We) mu weema, gwe yali talabangako. N'amubuulira bye yali. . .N'amuyita erinnya lye, "Saala." "Ibulayimu," so si—si linnya lye Ibulaamu, lye yalina mu kusooka, wabula Ibulayimu. Ssi Salaayi, S-a-l-a-a-y-i; wabula S-a-a-l-a, "Mukyala wo Saala, ali ludda wa?"

N'agamba nti, "Ali mu weema emabega Wo."

93 N'agamba nti, "Ŋŋenda kukukyalira okusinziira ku kiseera eky'obulamu." Omukazi n'aseka. N'abuuza nti, "Lwaki asese?"

94 Kati, Yesu yagamba nti, "Nga okukontana n'amazima kuno okw'amaanyi kunaatera okukuŋŋaanyizibwa kwokebwe, nti Omwana w'omuntu Alyebikkula mu ngeri y'emu nga bwe yakola ku luli." Era ekyo. . .Kiki? Kwe kuddamu obupya, okuyimusa gye muli, Yesu Kristo oyo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Mukikkiriza? Kale nno leka tukoteke emitwe gyaffe tusabe.

95 Ayi Katonda, tukwagala. Ekigambo Kyo ki—kijjuddemu nnyo Emmere ku lwaffe, Mukama. Nga tukyagala! Kye kitubeezaawo, Mukama. Kirabika obusobozi bwaffe tewali lwe bumala. Kye twagala kwe kutuula ku mmeeza Yo, awali Ekigambo Kyo, ne tunyumirwa emikisa, Mukama, bwe tukuŋŋaana bwe tuti, nga ab'oluganda abakyala n'abaami Omwana wa Katonda be yagula n'Omusaayi, abo Omusaayi Gwo be gwagula. Era tujja wano akawungeezi kano, Mukama, ennaku zino twaziwaayo olw'okusabira abalwadde. Era okusinziira ku Byawandiikibwa, wagamba nti "olw'emiggo egyo twawonyezebwa." Awo nno tekyetaagisa na kusaba (wabula twatule bwatuzi bibi byaffe), kubanga olw'emiggo Gyo (kyaggwa dda) twawonyezebwa. O, nga lunaku lukulu olw'obulokozi! Nga eki—ekisuubizo kikulu Emanweri kye yasuubiza! Nti mu butuufu ge Mazima gennyini.

96 Wagamba nti, "Okumala akabanga, ensi eriba tekyandaba, so nga mmwe muliba mundaba, kubanga Nze" (nnakasigirwa eyo ey'omuntu omu eya "Nze") "Ndiba nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." Era mu biro eby'enkomerero, ku ntikko eno enkulu eya byonna, wagamba nti, ebyo nga tebinnabaawo, kiriba nga bwe kyali nga omuliro tegunnayokya na kusaanyaawo nsi y'Abamawanga ey'e Sodomu, nti walijjawo nate okubikkulibwa kw'Omwana w'omuntu mu ngeri y'emu yennyini nga bwe kyali e Sodomu. Kitaffe, nsaba abantu kino kireme kubayitako.

97 Era nsaba, ayi Katonda, akantu konna akatali kasengejje, (bwe mba nnina kye njogedde ekibi, onsonyiwe), bwe ntaddemu ggiya. Mbaagala, Mukama. Nsa—nsaba baleme kukisubwa. Kino leka kibeere ekimu ku biro ebikulu, Mukama. Buli mulwadde yenna, anyigirizibwa, omuzibe w'amaaso, bonna abali muno, Mukama, leka bawonyezebwe akawungeezi kano. Buli mwonoonyi alokoke. Munda mwennyini mu mitima gyabwe kaakano, abo abatali bakkiriza, leka bakkirize Kristo mu kaseera kano. Kituwe, Kitaffe. Byonna biri mu mikono Gyo. Twewaayo gy'Oli, okukulaba nga Okka mu makkati gaffe.

98 Era wagamba, mu Mutukuvu Yokaana 14:12 nti, "Oyo akkiriza Nze, emirimu gye nkola naye aligikola." Nga bwe tumanyi nti Weeyoleka ggwe Mwene eri abantu, kubanga Ggwe wali Nnabbi oli Musa gwe yayogerako nti aliyimuka. Baali bamaze emyaka bikumi na bikumi nga tebalina bannabbi, nga okukontana n'amazima kujjudde buli wamu, naye ate nga Ekigambo kya Katonda kyalina okutuukirira; kale Ekigambo ne kifuuka omuntu, n'okukontana n'amazima nakwo ne kwambala omubiri. Era, Kitaffe, tukiraba kizzeemu nate mu nnaku zino, okukontana n'amazima nga kufuuse ekinywa kimu ekinene; era tulaba n'Ekigambo nga kikola mu ngeri y'emu. Tuwe omukisa akawungeezi kano, Kitaffe. Twewaayo gy'Oli, n'Ekigambo Kyo. Byonna by'Oyagala tukole, bitukozese, Mukama. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

99 [Waliwo mwannyinaffe ayogera mu nnimi. Ebbanga jjereere ku lutambi—Omuk.] Tetumanyi by'Ayogedde. Ayinza okuba nga waliwo ky'Ayagala okutubuulira, kale twewombeekere ddala okumala akaseera. [Ebbanga ku lutambi. Ow'oluganda omu omusajja awa okuvvuunula.]

100 Amiina. Wali osomye. . .? [Ebbanga ku lutambi—Omuk.] . . . Ekyawandiikibwa awo omulabe we yali ajja, nga bonna bakuŋŋaanidde wamu, ne ba. . .omulabe nga alina amaanyi mayitirivu. Awo Omwoyo wa Katonda n'akka ku musajja, n'amubuulira, n'awa obunnabbi, n'ayogera ekifo we baba bateegera, era ne bazikiriza omulabe waabwe. Kiikyo kizzeemu nate. Ekyo kye kifo eky'okuzikiririzaamu omulabe wo, okiraba, wekwate ku mukono gwa Katonda. Weewaawo, omukono gwa Katonda ye Kristo, kye Kigambo, kale nno Ekyo kye muba muteeka mu mitima gyammwe akawungeezi kano nga bwe tuyita olunyiriri lw'ab'okusabirwa.

101 Ndowooza Billy yazzeemu n'agaba kaadi z'ab'okusabirwa olwa leero. Eziriko ennyukuta B, eziriko B, tukole ku ziriko ennyukuta B, kinaana-mu-ttaano. Ekiro ky'eggulo, twayise kkumi-na-ttaano. Buli kawungeezi ze tugezaako okukolako ziba nga ku kkumi-na-ttaano. Kale muwanike kkaadi zammwe, tuzirabe, kati. Tugezeeko okuyitayo nga kkumi-na-ttaano. Kinaana-mu-ttaano. B, nga eri mu linnya Branham, omanyi. B, kinaana-mu-ttaano okutuuka ku kikumi. Era tu. . .Leka

tulabe, ani alina B, kinaana-mu-ttaano, wanika omukono gwo. Okakasa . . . O, ali eri mabega, kale, kinaana-mu-ttaano jangu.

102 Kati, mutabani wange . . . Olw'okuba wayinza okubaawo abagenyi wano, abatamanyi ngeri kino gye kyakolweddwamu. Mutabani wange ajja wano, oba omuntu omulala; ye bw'aba tasobodde kujja, Ow'oluganda Borders, oba omulala yenna. Wabaawo omuntu ajja wano, n'addira kaadi zino, kikumi ku zo, n'ayimirira mu maaso g'abantu n'azitabulatabula. Kale bw'akuwa kaadi, tayinza kukugamba nti ojja kusobola okutuuka wano ku kituuti, ekyo aba takimanyi. Nange ssimanya. Nzija akawungeezi ne nsikayo nga kkumi oba kkumi-na-ttaano, bwe zityo, okuva mu kaadi ezo. Ekyo tekirina we kikwataganira na kuwonyezebwa kwo n'akatono. Osobola okwetuulira awo. Ggwe laba, nga jjo akawungeezi. Bameka abaabaddewo eggulo, leka tulabe emikono gyammwe? Engeri abantu gye baawonedde mu lukuŋŋaana nga lugenda mu maaso!

103 Kati, eyo ebadde kinaana-mu-ttaano, kinaana-mu-mukaaga, kinaana-mu-musanvu, kinaana-mu-munaana, kinaana-mu-mwenda, kyenda. Abo leka bajje mu maaso. B, kinaana-mu-ttaano, kinaana-mu-mukaaga, kinaana-mu-musanvu, kinaana-mu-munaana, kinaana-mu-mwenda, kyenda. Kitegeeza bandibadde . . . Mu butuufu, twetaaga . . . Era ssinga omuntu aba nga . . . Omulala wuuno, weewaawo, ekyo kikitereeza. Kyenda, kyenda okutuuka ku kikumi kati. Kyenda, kyenda-mu-emu, kyenda-mu-bbiri, kyenda-mu-ssatu, kyenda-mu-nnya, kyenda-mu-ttaano, kyenda-mu-mukaaga, kyenda-mu-musanvu, kyenda-mu-munaana, -mu-mwenda.

104 Bw'oba tosobola kutambula, bw'oba oli . . . Ndaba tulinawo obuwerako, obugaali bw'abalema busatu wano kati, nzikiriza, buli buna, bwe ndaba. Bw'oba olina kaadi y'ab'okusabirwa, nga ennamba yo y'e—y'eyitiddwa, naye nga tosobola kutambula, wanika buwanisi omukono gwo, tujja kukasindika tukuleete wano.

105 Era ne bw'oba tolina kaadi y'ab'okusabirwa, tuula butuuzi eyo osabe, ogambe nti, "Mukama Yesu, leka—leka—leka abe nze akawungeezi kano." Bameka wano abatalina kaadi ya baakusabirwa, muwanike emikono gyammwe. Ha, bannange! Kale, ka tugambe bwe tuti, ka nsuubire nti tekiiwulikike bubi. Naye lumu waliwo omukazi bambi ataalina kkaadi emusobozesa kusabirwa, bwe twandigambye. N'agenda nga awaguza ayita mu kibiina ky'abantu, n'agamba nti (kati wuliriza n'obwegendereza), "Ssinga nkwata ku lugoye lw'Omusajja oyo, nja kuwona." Ebigambo ebyo bameka ababimanyi? Kale. Kati yakola atya? Yamukwatako, ne yeddirayo n'atuula wansi. Yesu n'akyuka, Yali amanyi wa omukazi we yali. Si bwe kiri? Yali amanyi obuzibu omukazi bwe yalina. Si bwe kiri? Yali amanyi obuzibu omukazi bwe yalina, kale n'Amubuulira obuzibu bwe.

Omukazi muli ne yeewulira nga ekikulukuto kikomye. Si bwe kiri? Kyava ku ki? Yali amukutteko.

106 Kati, Abakristaayo bameka wano abamanyi, okusinziira ku Abaebbulaniya, Ekitabo ky'Abaebbulaniya, nti mu kiseera kino kyennyini Yesu ye Kabona Omukulu, Kabona Omukulu asobola okukwatibwako n'obunafu bwaffe? Ekyo ky'Ali? Kale, bw'Aba nga ye Kabona Omukulu, wofiisi y'emu, Kabona Omukulu, awo aneeyisa atya? Aba wa kukola mu ngeri y'emu yennyini nga bwe yakola ku luli. Mukikkiriza ekyo? Aba ajja kukola mu ngeri y'emu yennyini nga bwe yakola ku luli, ekyo bwe muba musobola okukikkiriza. Kale. Bameka ekyo abakikkiriza, wanika omukono gwo, ogambe nti, "Mu butuufu nze ekyo nkikkiriza"?

107 Kale, nga tebannakola lunyiriri lw'abagenda okusabirwa, ka tukole olunyiriri lw'abagenda okusabirwa eruuyi eyo. Mmanyi nti w'Ali wano. Mpu—mpu—mpulira Okubeerawo Kwe, era nki—nkimanyi nti waali wano. Jangu. Olunyiriri lw'ab'okusabirwa lumaze okutegekebwa? Mbadde ŋŋenda kutandika kuyita. Ggwe sa—saba busabi, tunula butunuzi luuyi eno osabe, kkiriza bukkiriza.

108 Waliwo omukyala omutonotono antunuulidde, aliraanye omukyala ayambadde gaalubindi. Temukiraba Ekyo ekirengejjera waggulu w'omukazi oyo? Tunula eno. Olaba? Mulwadde wa mutima. Okikkiriza nti Katonda ajja kukuwonya? Bw'oba okkiriza, wanika omukono gwo. Ekyo kye kibadde ekizibu kyo. Ky'ekyo. Kale oba ekyo kye kibadde ekizibu kyo, wanika omukono gwo abantu basobole okulaba, wanika ku mukono gwo *bw'otyo*. Kaakati, tokyakirina. Okukkiriza kwo kukuwonyezza.

109 Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. O, wadde waliwo okukontana n'amazima; naye Yesu Kristo ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ono ye. . . Kati genda bugenzi mu maaso nga osaba, laba, tekikwetaagisa kumala kutuuka wano waggulu, olyoke otegeere.

110 Kaakati, ono mukyala. Nze nga bwe mmanyi, ssimulabangako mu bulamu bwange, mukazi bukazi ayimiridde wano, alina kaadi emusobozesa okusabirwa, era obadde tomanyi na kumanya nti oba n'okukuyitayo banaakuyitayo oba nedda. Omuntu yakuwadde buwi kaadi ekusobozesa okusabirwa, kale enna—ennamba yo n'esomebwa, bw'otyo n'ojja buzzi wano. Si bwe kiri? Era nze ssirina ngeri gye nnyinza kumanyaamu kiki ky'oli, ggwe ani, wa gy'ova, kiki ky'oyagala, ssirina kye mbimanyiiko. Ndi musajja busajja, ate ggwe mukazi. Kye ekyo. Ekifaananyi kye kimu kino lumu kyaliko mu Bayibuli, Omutukuvu Yokaana, essuula ey'o 4.

111 Kati weebuuza nti, "Kiki ky'okoze, Ow'oluganda Branham, wali, gye buvuddeko katono?" Laba, mpanzeemukko katono ka

ggiya, olaba. Kati ssimanyi, olaba. Ye y'Alina okukikola. Nze ssimanyi. Oli omukazi eri ebweru asobodde atya? Oyo omukazi nze ssimulabangako mu bulamu bwange. Tetumanyiganye n'akatono. Nzikiriza abadde mukazi. Muntu ki eyaakamala okuwonyezebwa kati mu abo abali mu kibiina? Onaa... Weewaawo. Tetumanyiganye. Ekyo bwe kiba kituufu, wuuba omukono gwo *bw'oti*. Olaba? Nze omukazi ssimulabangako. Naye abadde atudde eyo, nga akkiriza. Kati, waliwo Ekintu ky'akutteko, si bwe guli? Tekirina kalungi ke kyandikoze ssinga nze gw'akutteko.

112 Naye kaakati temukiraba nti Bayibuli kye Kigambo kya Katonda kyennyini? Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ffe tufuuka yeekaalu z'Omwoyo Omutukuvu oyo nga ye Kristo. Olaba? Oyo ye Nsigo yennyini. Awo nno Omwoyo Omutukuvu oyo yennyini ssinga ayingira mu Nsigo yennyini ey'Ekigambo, so si...Tejja kutwalako kitundu butundu ku Kyo (kubanga, Ekyo ssetaani ky'akozesa), wabula olina kukitwala kyonna, okiraba, Ekigambo kyonna mu bulamba; kubanga, si Katonda wa kitundu, wabula Katonda omujjuvu. Okiraba? Kale nno ekyo kye kibaawo.

113 Kati, omukazi wuuno wano, ssimulabanganako. Yesu lumu yasanga omukazi afaanana nga ono, oba oli awo teyali mu mbeera y'emu nga ono, ssimanyi. Yali atudde ku luzzi. Yali—yali yeetaaga okugenda e Samaliya. Era tukiraba nti, Samaliya kyali mu kikko. Yali—yali agenda Yeriko, nzijukidde, ne yeetooloola n'ayita e Samaliya, n'ajja mu kibuga Ssukali. N'atuula wansi ku luzzi, n'atuma abayigirizwa Be emmere.

114 Mu nsi yonna mulimu ebika by'abantu bimeka? Bisatu. Kaamu, Seemu, n'abantu ba Yafeesi. Ffenna tusibuka mu Nuuwa. Abalala bonna ab'oku nsi baazikirizibwa mu kiseera kiri. Ebika by'abantu bisatu byokka, eky'Abayudaaya, Ab'amawanga, n'eky'Abasamaliya (nga ekyo kyali ekitundu Bayudaaya n'ekitundu ekirala Baamawanga). Kale ebyo bye bika byokka ebiriwo mu nsi yonna, okiraba, bisatu byokka.

115 Ebintu byonna ebiri mu Katonda bituukirira mu ngeri ssatu. Okufaananako n'ebisatu bye mbadde njogerako akawungeezi kano: emitendera esatu egy'okukontana n'amazima, n'emitendera esatu egy'Ekigambo nga kyambadde omubiri, n'ebirala. Mukiraba?

116 Kati, era Ye—era Oyo eyayogera eri Abayudaaya, n'agamba Firipo, bwe yaleeta Nassanayiri, n'amugamba wa we yali, n'agamba nti, "Nnamulabye bwe yabadde nga akyali wansi w'omuti." Yabuulira...Andereya yali aleese Peetero, n'Agamba nti, "Erinnya lyo ggwe Simooni, era ojja kuyitibwanga 'Peetero' okuva kaakano." N'agamba nti, "Oli mutabani wa Yona." Olaba? Kati, abo bonna baali Bayudaaya.

117 Naye wano Agenda eri ow’Amawanga. . .si w’Amawanga, wabula Omusamaliya.

118 Kaakano kino kye kiseera ky’Abamawanga. Ekyo teyakikolako wadde omulundi n’ogumu eri Ab’amawanga. Noonya wonna mu Byawandiikibwa. Tekibangawo. Naye yasuubiza, mu Lukka 22, nti Alikikola nga Okujja kwe tekunnabaawo.

119 Naye yali Atudde awo, ne wajja omukazi, nga ekitundu Muyudaaya ate nga ekitundu ekirala w’Amawanga. N’amugamba nti, “Nnyabo, ndeeteraayo ku mazzi.”

120 Omukazi n’amugamba nti, “Naye, nga tosaanidde kunsaba kukukolera kintu bwe kityo, ekyenkana awo. Tuli. . . Wano tusosolagana. Ggwe oli Muyudaaya, ate—ate nze ndi Musamaliya.”

121 Ko Ye nti, “Ssinga obadde omanyi gw’oyogera naye, ggwe wandinsabye eky’okunywa.” Yali akola ki? Yali agezaako kukwatagana n’omwoyo gwe. Era olwazuula obuzibu omukazi bwe yalina, awo wennyini, n’Amugamba agende aleete bba. N’agamba nti teyalina n’omu. Yesu n’amuddamu nti, “Ekyo kituufu, waakabeera na bataano.”

122 Kati, labayo, Abafalisaayo bwe baamulaba nga akola ekyo. Ddala, okukontana n’amazima kwennyini, okwewagise mu Kigambo, baagamba ki? Baagamba nti, “Omusajja ono Beruzebuli, mulaguzi.” Olaba?

123 Yesu yagamba n’okugamba nti, “Oyo yenna alyogera ekyo ku Mwoyo Omutukuvu nga Azze n’akola ekintu kye kimu, talisonyiyibwa.” Ndowooza olaba bwe kikontana n’amazima. Okiraba? Naye yagamba nti luli yali Asobola okubasonyiwa, kubanga Omwoyo Omutukuvu yali tannajja; Ssaddaaka, Omwana gw’Endiga gwali tegunnafa.

124 Naye awo omukazi ekyo si kye yalowooza. Omukazi n’agamba nti, “Ssebo, nkiraba nti Oli nnabbi.” Baali bamaze emyaka bikumi na bikumi nga tebalina nnabbi. N’agamba nti, “Nkiraba nga Oli nnabbi. Kati, tumanyi nti Masiya, oyo ayitibwa Kristo, bw’Alijja, ebyo by’Alikola.”

125 Kale nno, bw’Aba nga by’ebyo bye yakola, kale nno Ye omu jjo, ne leero. Mu biro ebyo bw’atyo bwe Yeeyoleka, kati si kintu kye kimu ne mu nnaku zino? Bwe kirina okuba! Kati, wano omukazi n’omusajja basisinkanye nate. Omukazi ono si ye oli, era si nze Musajja oli. Wabula Mwoyo Omutukuvu y’omu ali wano, eyasuubiza nti emirimu gye yakola, naffe tulikola ebintu bye bimu mu biro ebyo Omwana w’omuntu bw’alibikkulwa.

126 Kaakati, nga bwe ssikumanyi (era okimanyi nti ekyo kituufu), ffembi tetumanyiganye n’akatono, oyimiridde buyimirizi wano. Waliwo. . .Oba oli awo olina ekikutawaanya, oba oli awo tolina, ssimanyi. Naye Yesu Mukama waffe ssinga

anambikkulira, ku bw'Omwoyo We Omutukuvu, ebizibu byo, onaakikkiriza nti Oyo Mwana wa Katonda y'akikoze, so si muntu buntu? Kino kisusunku busunku, *eno* yeekaalu gya—Katonda gy'Akozesa, yenna gw'Aba alonze. Ekyo Aki—Akikola lwa kisa eky'emalirira awamu n'okulonda. Naye, ggwe kkiriza. Onokkiriza? [Omukazi addamu nti, "Amiina."—Omuk.]

127 Bameka abali mu kibiina abanaakikkiriza? Tuyimiridde wano ffembi mu maaso g'Ekitangaala, nga tetusisinkanangako mu bulamu buno, ssirina kye mmanyi ku mukazi oyo, kiki ky'ali, wa gy'ava, kiki ky'ayagala. Ssimulabangako mu bulamu bwange, nga n'omukazi oli ali *wali* bwe ssimulabangako mu bulamu bwange. Naye, labayo, kino kye ngezaako okukuleetera okukola: weggyeeko okukontana n'amazima okwo kaakano, okkirize Ekigambo nga Ekigambo kyambadde omubiri wano wennyini mu makkati gaffe. Ekigambo kifuuka ekiramu mu mibiri gyaffe gyennyini, ekyo kiraga Okubeerawo kwa Katonda.

128 Kaakati tusaba Akimukolere. Ekyetaago kye kya nsonga. Talina mwana, ayagala afune omwana. Aweza emyaka nga ana. Ekyo ddala tekibalirwa mu bitasoboka.

129 Babunye eyo yonna, abakazi abaali abagumba obulamu bwabwe bwonna, naye ne bajja ku kituuti bwe bati nga bw'ozze, Mukama n'abawa abaana. Abakimanyiiko muwanike ku mikono. Olaba? Olaba? Nnasitula akawala akalungi jjuuzi, ku Ssande, nga nvudde wano, ku Ssande olw'eggulo; nnyina waako yali mugumba, Mukama n'ayogera. Akawala ako, akalungi ennyo, weekali wano? Kali ludda wa? Otyo. Kaakano wano, wano wennyini, katudde wano wennyini. Nnyina waako wuuyo atudde awo. Akawala nako, kaakano. Mukalaba? Kano Kigambo ekyayogerwa okuva eri Katonda.

130 Kaakati, onoomukkiriza n'omutima gwo gwonna? Okkiriza nti omukisa ogwo gw'olina, gw'owulira mu ggwe kaakati, nti Katonda y'abadde ayanukula okusaba kwo? Ssinga Katonda ambuulira erinnya lyo, olyoke otuume omwana erinnya, onokkiriza? Kale, Muky. Thompson, weddireyo eka ozaale omwana wo, bw'onokikkiriza n'omutima gwo gwonna.

131 Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Beera bubeezi na kukkiriza, tobuusabuusa, kkiriza bukkiriza Katonda. Katonda ye Katonda.

132 Oli otya, ssebo? Ndowooza, era naawe tetumanyiganye. Nze nga bwe mmanyi, omulundi gwokka gwe nnali nkulabye mu bulamu bwange, we wano kati nga ojja wano. Era ndowoozezza nti oli kkojja w'Ow'oluganda Shakarian, oba gundi . . . Mashagian, Ow'oluganda Mashagian, omuyimbi, bw'obadde ojja. Naye ate ne nkulaba nga oyingira mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa. Kaakati, nga bw'otommanyi, ggwe, era, nga nange ssikumanyi, ffena tekuli amanyi munne. Kati, ssinga Mukama Yesu anambuulira kyo—ky'oli, oba oli

awo ky'oyagala, ka tugambe bwe tutyo; n'akubuulira kiki, n'ambuulira ky'oyagala. Kati, yamaze dda okukikuwa. Kye weetaaga kiri kimu kyokka kwe kufuna okukkiriza okumala okukikkiriza.

133 Kaakati, bameka ekyo abakitegeera? Kimu kyokka wetaaga kukkiriza okumala nti onoofuna ky'osabye! Olaba?

134 Kati, kati, bw'oba oli wano waggulu nga olina ky'oyagala, ate Ye n'ambuulira kiki ky'oyagala, awo okitegeera nti ky'oyagala nze ssikimanyi, olwo walina okuba nti waliwo Ekintu wano ekikola ekyo. Kaakati, okusinziira ku Kigambo, ekyo yasuubiza okukikola. Yamanyanga ebirowoozo ebyalinga mu mitima gyabwe. Si bwe kiri? Kale.

135 Weetaaga nnyo okuwonyezebwa. Ekisooka, olina obulwadde bw'okweraliikirira, weeraliikirira nnyo. Kye ekyo. Ekirala, omugongo gukuluma, era omugongo ogwo gubadde gukuluma nnyo ddala okumala ekiseera, era baagulongoosa n'okugulongoosa. Ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Ago ge mazima. Laba. Kye ekyo. Ate ekirala kiikino, ky'oyaayaanira ennyo, kiri nti, oyagala okufuna okubatizibwa okw'Omwoyo. Kye ekyo kyennyini. Jangu wano.

136 Ayi Katonda, mu Linnya lya Yesu Kristo, leka omusajja ono ajjuzibwe Omwoyo Omutukuvu, nga tannava mu kifo kino, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Kaakano kifune Ekyo, muganda wange. Beera bubeezi na kukkiriza, tobuusabuusa.

137 Oli otya? Ndowooza, nze nga bwe mmanyi, tetumanyiganye. Ekyo bwe kiba bwe kiri, kale, abantu balyoke ategeere, wanika buwanisi omukono gwo balabe nti tetumanyiganye. Omukazi ono ssimulabangako mu bulamu bwange, nga bwe mmanyi. Era ndowooza naye tandabangako, mpozzi nga yandabye nga ali eri mu kibiina. Kubanga Kitaffe ow'Omuggulu amanyi, era n'Ekigambo Kye kiikino wano, nze omukazi ssimulabangako, nga bwe mmanyi, mu bulamu bwange. N'olwekyo, ssiyinza kumanya kikuleese wano, ssimanyi ggwe ani, oba kiki, wadde ekikukwatako kyonna. Tewali na kimu kye nnyinza kukugamba.

138 Kimu kyokka, kirabo bulabo. Ssinga nsobola...Nga bw'owulidde nga nkinnyonnyola gye buvuddeko katono. Sembera busembezi, owulire ky'Agamba; kye ndaba, nsobola okukyogera. Ky'Aba tayogedde, ssisobola kukyogera. Nyinza okukyogera ku bwange, naye era kiba kikyamu. Olaba? Kiba kikyamu. Naye Ye bw'akyogera, kibeerera ddala kituufu. Tekisobola kuba kikyamu, era tekibangako kikyamu n'akatono. Tekiriba kikyamu n'akamu kasita aba nga Katonda y'akyogedde. Olaba? Labayo, kubanga Katonda tasobola kuba mukyamu.

139 Naye ssinga Katonda ambuulira ky'oyagala, okuyaayaana kwo bwe kuli, oba eki—ekikuleese wano, kye wali okoze, ekintu

kyonna, ekifaanana bwe kityo, oba ggwe ani, wa gy'ova, oba kyonna ky'Ayagala okumbuulira, onokkiriza? Weebale.

140 Ekisooka, ebigere bikuluma. Ebigere byo bikutawaanya. Kye ekyo. Wanika. . . Olina obuzibu bw'ekikyala, endwadde y'ekikyala. Era mu mutima gwo olinamu okuyaayaana okw'amaanyi, kubanga waliwo omuntu eyakubuzeeko oba ekintu ekifaanana bwe kityo. Mulenzi, mutabani wo yavudde awaka, yadduse, era oyagala nsabe nti akomewo.

141 Ayi Katonda ali mu Ggulu, mukomezeewo omwana we, n'okuwonyezebwa. Leka Omwoyo Omutukuvu akawungeezi kano ayimirize omuvubuka oyo ku kkubo, amukomyewo ewa nnyina. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

142 Oyo amanyi Ajja kumukukomezaawo. Teweeraliikirira. Kkiriza kaakano, tobuusabuusa. Beera bubeezi na kukkiriza, n'omutima gwo gwonna. Kkiriza, ne Katonda anaakola ebisigadde.

143 Kaakati, emirundi egyo esatu oba ena gyokka gye nnyingidde mu kulaba ebiri mu buziba bw'emitima gy'abantu, kyonna kyonna kye kibadde, laba, ntu—ntuuse ekiseera nga n'okulaba kumpi ssikyalaba. Ssiyinza kukinnyonnyola, era tewali ngeri yonna ya kukinnyonnyolamu. Oyinza okugamba nti, "Ky'otegeeza nti, ekyo kyokka ky'okoze kisinga bwe wandibuulidde okumala eddakiika ana-mu-ttaano oba okusingawo, olowooza?" Yee, ssebo. Ne bwe nnandibadde mmaze essaawa ssatu, tekyandyenkanye awo.

144 Omukazi yakwata ku kyambalo kya Mukama waffe Yesu. Naye n'abantu bano tebakwata ku nze. Kubanga, omukazi ono wano, tunula eno, yandi. . . (Nteekako emikono gyo. Mukiraba?) Ankutteko wonna, naye tewali kimukoleddwa, kubanga ndi muntu buntu. Naye ateekwa kukwaata ku Ye. Era nze, olw'ekirabo, kyokka—kyokka. . . kigenda bugenzi, nzenna ng'omuntu nvaawo buvi, ne njogera bwogezi ebyo bye mba ndaba. Olaba? Era kye ekyo kyokka. Laba, okunkwatako tekulina kye kutegeeza, wabula akwaata ku Yesu okuyita mu nze. Bw'atyo omukazi oli bwe yakwata ku Katonda okuyita mu Yesu, nga ate Ye yali tamanyi kizibu kya mukazi oyo. Yakwata bukwasi ku kyambalo Kye, n'agenda n'atuula wansi. Era n'Abuuza—n'Abuuza nti, "Ani ankutteko?"

145 Abatume ne baddamu nti, "Laba, abantu bonna babadde bakukwatako. Lwaki ogamba bw'otyo?"

N'agamba nti, "Naye mpulidde nga amaanyi ganvuddemu."

146 Kati, mumanyi amaanyi kye kitegeeza? Ndasi. Yanafuwa nga akwatiddwako omukazi omu bwati, kyokka nga ate Ye yali Mwana wa Katonda. Naye ate nze, omwonoonyi eyalokolebwa olw'ekisa Kye? Mumanyi lwaki kisingawo? Kubanga yagamba nti, "Emirimu gye nkola, nammwe muligikola. Mulikola n'egisinga ku gino, kubanga nze ŋŋenda eri Kitange."

"Egisingako," bwe Kigamba wano, naye enzivuunula entuufu mu Luyonaani eri nti, "Mulikola n'egisinga ku gino obungi."

147 Kati, omukazi ono ssimumanyi. Ssirina wadde kye mmanyi ku bimukwatako. Tetumanyiganye nga n'abalala bali bonna bwe babadde. Tetumanyiganye. Okusobola okumanyisa abantu, oyinza okuwanika omukono gwo, obagambe nti, "tetumanyiganye." Kati, Omwana wa Katonda, lumu bw'Aba yasisinkana omukazi mu ngeri efaananako bw'eti, ku luzzi, n'Ayogera naye okumala akaseera, n'Ategeera omutawaana gwe kye guli, era n'Amubuulira ekyali kimutawaanya. Era okuyita mu ekyo omukazi kwe kumanya, nti oyo ye yali Masiya. Kaakati nga bwe—nga bwe. . . Onkutteko, nange nkukutteko, naye tewali kibaddewo. Naye okukkiriza kwange (okuyita mu kirabo) n'okukkiriza kwo (nga okikkiriza) ssinga kwonna awamu kumukwatako, era n'Asobola okwogera okuyita mu ffe oku. . . n'Ayogera gy'oli okuyita mu nze, awo manyira ddala nti Ali wano nga bwe yali eri ku—ku luzzi luli e Ssukali. Olaba? Aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Okikkiriza ekyo?

148 Olina emitawaana mingi nnyo, ebikunyigiriza bingi nnyo, ebikakali! Ekimu ku bikulu ebikuleese oyagala kusabirwa olw'obulwadde bw'amakajja. Kye ekyo. Si kye ekyo? Olw'obulwadde obwo obw'omu nnyingo ogenda n'okakanyala. Bw'olaba nga owanise omukono gwo. . .

149 Era wasituse nga otambula mpola mpola, bwe mba nzijukira bulungi. Oba sooka olindeko katono, oba oli awo waliwo ekirala ekiyinza okwogerwa ekiyinza okutwala. . . Manya, omanyi, ogenda n'owulira ebintu; abantu, omanyi, nga omuntu assa omukka oguwakanya Ekyo. Nga bagamba muli nti, "Nedda, ekyo ateebye kiteebe," oba, omanyi, bwe batyo.

150 Naye, olabika okuba omuntu omulungi, yogerako nange okumala akaseera. Ka tuyimirireko wano katono, kubanga ndowooza waliwo ekintu ekirala mu mutima gwo kye wetaaga okuva eri Katonda. Kati, nze ssisobola kwanukula kusaba kwo, naye Asobola oku-. . . Kubanga, kasita okikkiriza, kiba kimaze okwanukulwa. Naye bw'oba oyagala kukkiriza; okukusobozesa okukkiriza. Kaakati, ka nkubuulire, kikwata ku muntu gw'oyagala atali wano, era ye mwannyoko, era mwannyoko oyo tali na mu kitundu kino eky'eggwanga. Abeera mu nsi ya mazzi mangi, erimu ennyanja ziwerako. Ka ŋŋambe eri nga mu Michigan oba e. . . Weewaawo, Michigan gy'ali. Era alumwa obulwadde nnamutta, nga bwa nsigo ezitawona ze zimutawaanya. Kye ekyo, si bwe kiri? Kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kati, akatambaala ako k'okutte mu ngalo, k'owanise eri Katonda, kasindikire mwannyoko omugambe aleme kubuusabuusa, wabula akkirize, era, ajja kuwonyezebwa kaakano bw'onokikkiriza.

151 Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Laba, kale, bw'oba

okkiriza, waliwo ekintu kimu ky'olina okukola, nga ekyo, kwe kukitoolera ddala mu bujjuvu. Si kye ekyo?

152 Kale oyinza okugamba nti, "Abantu abatunuulidde, amala kubatunuulira. Ky'akola, aba abatunuulidde." Ekyo otera okukiraba emirundi mingi!

153 Naye olw'okuba kino muyinza okuba nga temukimanyi . . . Omukyala ono wano, jangu wano bw'oti, nnyabo, wano, ggwe omulwadde, kyonna ky'oli. Ssimutunuulidde. Okkiriza nti Katonda asobola okumbikkulira ekizibu kyo? Yimusa emikono gyo, oba okkiriza, omukyala ono, omukyala ono, omulwadde. Weewaawo. Weewaawo. Kale, bw'oba nga onakikkiriza n'omutima gwo gwonna, endwadde eyo eya asima tejja kuddamu kukutawaanya nate. Kale, weddireyo eka okikkirize! . . .? . . .

154 Ssimutunuulidde, Amutunuulidde? Laba, A . . . Ne bw'otunula *eno*, okwolesebwa kwo kubaawo ne bw'okola otya. Amiina! Temukiraba? Kituukiridde ddala nga Katonda bw'ali atuukiridde!

155 Naawe, okkiriza? Asima asobola okukuvaako, nawe, tekisoboka? Okkiriza nti kisoboka? Kale, genda ogambe Mukama Yesu nti o—omukkiriza.

156 Lumu oly'etaaga okutambuliranga ku—ku kaggo ssinga obulwadde bw'omu nnyingo obwo bulikugongobaza, naye tebujja kukugongobaza. Tojja, tokkiriza nti bwe kiri, si kyo? Okkiriza nti ojja kuba bulungi? Wetambulire, era Yesu Kristo akuwonya.

157 Endwadde y'omutima etta abantu, naye ggwe terina kukutta. Okkiriza nti Katonda ajja kugikuwonya, owonyezebwe? Genda nga okikkiriza n'omutima gwo gwonna, nga ogamba nti, "Mazima ddala nzikiriza kibe bwe kityo."

158 Oyogera Olungereza? Otegeera Olungereza? (Wabeewo ajja.) Weewaawo, kale. Oyinza okumubuulira kye mmugamba? Mugambe nti ssinga akkiriza, obulwadde bw'omu lubuto bujja kumuvaako. Ana—anaakikkiriza? Obulwadde bw'omugongo bugenda kukuvaako, nabwo, kale kati oyinza okwetambulira ogende owonyezebwe.

Oli otya? Okkiriza?

159 Omusajja oyo atudde awo n'obulumi bw'omugongo, antunuulidde bwe njogedde bwe ntyo. Ayinza okuwonyezebwa, naye, ssinga okikkiriza, ssebo. Kye ekyo, ssebo.

160 Omukyala akuliraanye awo, olina obulumi mu nsingo, si bwe kiri, nnyabo? Okkiriza nti Katonda ajja kukuwonya? Wandyagadde okussa emikono ku mulenzi oyo olw'amaviivi ge, naye, ajja kuwonyezebwa. Okikkiriza? Obadde olina obulwadde obw'ekikyala, endwadde ey'ekikyala, naye kati tokyagirina. Okukkiriza kwo kukuwonyezza ne kukufuula mulamu.

161 Mukkiriza Yesu Kristo, oyo aba obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna? Kale leka ffenna tuteeke emikono gyaffe ku bannaffe nga bwe tusaba essaala eno ey'okukkiriza, ffenna, leka tusabe essaala ey'okukkiriza.

162 Ayi Katonda, nga tubuutikiddwa n'Okubeerawo Kwo Okutukuvu, okukulaba nga Otambula okuyita mu kibiina, nga owonya abalwadde buli wamu. Ggwe Katonda. Nsaba owonye ekibiina kino kyonna. Leka Omukka gwa Katonda omusu gukke mu mitima gyabwe, era leka bamanye nti ebiseera biweddeyo. Tusigazizzaayo akaseera katono ddala nga tukyali wano, oluvannyuma tulyoke tugende tubeere wamu n'Oyo Omwagalwa waffe. Era kaakano leka Okubeerawo Kwe kuleete okuwonyezebwa eri buli omu.

163 Ssetaani tumunenya, tunenya n'ebikolwa bye byonna. Mu Linnya lya Yesu Kristo, Ssetaani, va mu bantu bano.

164 Mwenna abanaamukkiriza kaakano, ne mukkiriza okuwonyezebwa kwammwe, muyimirire ku bigere byammwe, mugambe nti, "Kati nnyimirira okutwala okuwonyezebwa kwange. Nkukkiriza." Tofaayo mbeera ki gy'olimu, ddala bw'oba nga okikkiriza, yimirira buyimirizi ku bigere byo. Kaakati yimusa emikono gyo, ogambe nti, "Weebale, Mukama Yesu, okumponya." Katonda abeere nammwe. Amiina.

65-0118 Ensigo Ekontana N'ey'Amazima
mu Westward Ho Hotel
e Phoenix, Arizona Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org